# Luganda

## Siniya y'okusatu

**Ekitabo ky'omuyizi**

# Contents


**Essuula 1Eby'emizannyo n'okwewummuzaamu 1**

1.1: Ebika by'emizannyo .......................................... 3
1.2: Nakasigirwa ezoobwannanyini ne Nakasigirwa endazi .......................................................... 8
1.3: Okuzannya zzaala ..........................................11
1.4: Olulimi lw'ebyemizannyo................................. 12
1.5: Okuteekateeka / okutegeka omukolo................. 14
1.6: Ebikulu ebikwata ku muntu mu bufunze ........... 16
1.7: Okwewummuzaamu ........................................ 18
1.8: Okuwandiika emboozi ey'okukubaganya ebirowoozo ...................................................... 22

**Essuula 2 Eby'obulambuzi ebyennono ............ 25**

2.1: Olulimi lw'ebyobulambuzi................................. 26
2.2: Eby'omunsiko mu Uganda ................................ 27
2.3: Embu z'amannya ............................................. 33
2.4: Ebifo n'ebintu eby'ennonno............................... 34
2.5: Emigaso n'okusomoozebwa okwolekedde enkuuma n'enkozesa y'ebyomunsiko ennungi . 37

**Essuula 3 Ebika ................................................ 43**

3.1: Ennono y'ebika ............................................... 44
3.2: Embu z'amannya ............................................ 48
3.3: Ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo ................... 50
3.4: Ebiwanuuzibwa ............................................... 53

**Essuula 4 Okubanga obugagga obw'ensibo .... 54**

4.1: Obugagga ...................................................... 55
4.2: Okubangawo obugagga obw'ensibo................. 56
4.3: Nnakongeza linnya .......................................... 60

4.4: Enkozesa y'obugagga ennungi n'embi ............. 64
4.5: Litulica Omwogere .......................................... 68
Ennyimba ................................................................ 70
Ebitontome .............................................................. 70

**Essuula 5Okutegeera obutondebwensi ............ 72**

5.1: Ebintu eby'obutonde ebikola obutondebwensi .. 73
5.2: Ebivaako okwonooneka kw'obutonde bwensi ... 75
5.3: Ekiyinza okukolebwa okutaasa obutondebwensi okwonooneka................................................. 78
5.4: Okuwandiika ekirango ..................................... 82
5.5: Nakalazi / Ssenfo ............................................ 83
5.6: Ebitontome ne ppuloozi ................................... 85
5.7: Olulimi olweyambisibwa nga twogera ku butondebwensi................................................ 88

**Essuula 6.Amazzi ............................................ 90**

6.1: Ensibuko y'amazzi amayonjo n'agatali mayonjo 91
6.2: Emigaso gy'amazzi ......................................... 94
6.3: Okusoma ekitundu n'okukitegeera.................... 95
6.4: Okufunza ........................................................ 98
6.4: Okukyusa...................................................... 103
6.6: Nnakongezalinnya ........................................ 104



# Essuula 1 Eby'emizannyo n'okwewummuzaamu

| Ebigambo ebikulu | Obusobozi |
| --- | --- |
| • Ebyemizannyo<br>• Okwemummuzaamu<br>• Nakasigirwa ezoobwannannyini<br>• Nakasigirwa endazi<br>• Okuzannya zzaala<br>• Amateeka<br>• Omukolo<br>• Emboozi ey'okukubaganya ebirowoozo. | ***Oluvannyuma lw'essuula eno, osuubirwa okuba ngo'sobola***<br>• Okumenya emizannyo egizannyibwa mu kitundu gy'obeera.<br>• Okunnyonnyola obukulu bw'emizannyo.<br>• Okulaga enjawulo wakati w'emizannyo egyazannyibwanga edda oba egy'ennono.<br>• Okukozesa Nakasigirwa ezoobwannanyini, ne Nakasigirwa endazi mu sentensi.<br>• Okunnyonnyola ebibi / ebizibu ebiri mu kuzannya emizannyo egiri mu okukuba zzaala era n'okunnyonnyola lwaki okuzannya zzaala tekikkirizibwa mu mateeka.<br>• Okweyambisa / okukozesa olulimi olw'ebyemizannyo. |

| | |
|---|---|
| | • Okutegeka / okuteekateeka omukolo.<br>• Okuwandiika ebintu ebikulu ebikwata ku muntu mu bufunze<br>• Okunnyonnyola. okwewummuzaamu kye kitegeeza<br>• Okumenya ebintu ebyenjawulo abantu bye bakola okwewummuzaamu ensangi zino, n'ebyakolebwanga ab'edda.<br>• Okunnyonnyola ebirungi n'ebibi ebitali bimu bikolebwa bewummuzaamu.<br>• Okuwandiika emboozi ey'okukubaganya ebirowoozo.<br>• Okukozesa omutimbagano okuyigirako ebikwata ku mizannyo gy'ensangi zino n'egyedda, ate n'okuzannyirako emizannyo.<br>• Okukozesa essimu ey'omungalo okwewummuzaamu nga bw'onyumya ne banno ku mikutu gimukwanirawala. |

## Ennyanjula

Omuganda agamba nti, "Mukadde wa muno taseka nga talina amunyonyoogera." Enjogera eyo etulaga nti okuzannyamu tekikwata ku baana oba bavubuka bato bokka, naye buli muntu omulamu yeetaaga n'azannyamu ko, Ensangi zino abantu bazannya emizannyo egitali gimu era bagyenyumirizaamu.

Mu ssuula eno, ojja kuvumbula eby'emizannyo bingi ebikolebwa mu kitundu gy'obeera, ate n'obukulu bw'emizannyo mu bulamu bwo, n'obwabantu b'obeera nabo. Kisaana kijjukirwe nti eby'emizannyo n'okwewummuzaamu bigendera wamu.

## 1.1: Ebika by'emizannyo



Ekyokukola 1: Okusoma

Emizannyo gifuuse kitundu kya bulamu bwaffe yonna gye tubeera. Emizannyo egisinze okumanyika mulimu omupiira ogw'ebigere, okubaka, ensero, okuddukira mu kkutiya, okumeggana, ebikonde n'emirala.

Kyokka bo bajjajjaffe baali bayiiya nnyo bwe kyatuukanga ku mizannyo, kuba baalina miyitirivu okugeza nga, omweso, ekigwo, jjangu onkwekule, enkuyo, okubaka amayinja, ssekitulege, ggogolo, ssemufu, n'emirala mingi.


Emizannyo gino gyayambanga abantu okuwummuza ebirowoozo, okwogiwaza obwongo, okukolagana obulungi ne bantu bannaabwe, n'emigaso emirala njolo, naye emigaso gino giyinza obutasangika mu mizannyo egizannyibwa ensangi zino.
















## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Ng'omaze okwekenneenya ebifaananyi ebikuweereddwa waggulu, londako omuzannyo ogusinga okukunyumira okuzannya, era oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 100 ng'onnyonnyola engeri gye guzannyibwamu.



## Ekyokukola 3: Okuwuliriza n'okwogera

***Soma emboozi eno wammanga ng'abantu babiri boogeraganya, n'oluvannyuma ofuneyo munno mu kibiiba mugyogeraganyeemu nga bweri:***

### Bwanika okuva e Kyamuliibwa

| | |
|---|---|
| **Ssebaggala:** | Bwanika, osiibye otya munnange? |
| **Bwanika:** | Sibadde bubi, ggwe ogamba otya? |
| **Ssebaggala:** | Nga oli munakuwavu, kiki? Tugende tulabe omupiira,Arsenal y'esamba leero. |
| **Bwanika:** | Nze sinyumirwa mipiira! |

| | |
|---|---|
| **Ssebaggala:** | Lwaki? |
| **Bwanika:** | Egyo emizannyo gye bazannya ensangi zino tegirina makulu.Tegirina kye gigatta ku bulamu bwange |
| **Ssebaggala:** | Nkitegeera, Arsenal togimatira, naye tuyinza okulabamu omuzannyo omulala. |
| **Bwanika:** | Muzannyo nga ki? |
| **Ssebaggala:** | Emizannyo mingi! Waliwo emisinde, ensero n'emirala. |
| **Bwanika:** | Egyo gyonna nze teginnyumira |
| **Ssebaggala:** | Naye kambuuze, oviira ludda wa? Muzannya mizannyo ki eyo? |
| **Bwaanika:** | Nviira Kyamuliibwa Masaka mu ssaza ly'e Buddu. Ffe tuzannya mweso, kigwo, nkuyo, kubaka mayinja, mbirigo, gogolo, ssemufu n'emirala mingi. Kati oseka ki? |
| **Ssebaggala:** | Anti emizannyo gyo gimpulikikidde bulala. Ssemufu? Kati muba muziikula bafu? |
| **Bwanika:** | Hmmm! Giwulikika bulala, naye girina emigaso mingi okusinga egigyo gy'obadde onnyumiza. |
| **Ssebagala:** | Waa? Enjawulo eri ludda wa? |
| **Bwanika:** | Eh eh! Leka nkubuulire ggwe, emizannyo egyaffe gya njawulo nnyo! Okugeza, ffe egyaffe tugirabira bwereere tewali kusasula, ate girina emigaso mingi eri obulamu bwaffe okusinga gye muzannya ensangi zino. |
| **Ssebagala:** | Kyokka Bwanika! Olinga atakimanyi nti emizannyo gy'esangi zino abantu bagigaggawaliddemu? Laba Kiprotich ne Moses Ggolola, obasinga ssente n'ettuttumu? |
| **Bwanika:** | Kale bayinza okuba n'essente nga balina n'ettuttumu, naye era gye bigweera nga balina muli ekibabulako nga bbo. Ggwe towulirangayo banna byamizannyo batutumufu beetuze? |

**Ssebaggala:** Eh, obudde bugenze kanzire eka, tunaddamu sseruganda, beera bulungi.

**Bwanika:** Kale naawe beera bulungi.





Ekyokukola 4: Okuwandiika

1. Nga mukola babiri, muwandiike emigaso egiri mu kuzannya emizannyo.

## 1.2: Nakasigirwa ezoobwannanyini ne Nakasigirwa endazi

Mu nsi muno buli muntu aba n'ekikye, tuba n'abantu baffe, okugeza owulira abantu nga bagamba nti "Ono omwana wange" "Oli mwannyinaze" "ate oyo kojjange" n'ebirala. Mu ngeri y'emu abantu babeera n'ebintu nga emmotoka; "mmotoka ya taata," "Leeta wano ekitabo kyo" n'ebirala ebiringa ebyo obiwulidde. So ate n'ebintu ebitali bantu bibaako n'ebyabyo, okugeza oyinza okugamba nti "munguze ku nnyama y'embwa" oba "omukira gw'enkima tebagulya" n'ebirala.

Buli lwe tukozesa ebigambo nga; kyange, kikye, kikyo, kyaffe, kyabwe byammwe, n'ebirala tuba twogera era nga tulaga obwannannyini ku kintu ekyo ekiba kyogerwako.

N'olwekyo Nakasigirwa ezoobwanannyini bwe bugambo obwo obulaga obwannannyini ku kiba kyogerwako mu sentensi.



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

## Okukuba eddubi

Okuwuga oba okukuba eddubi nga bwe twakyeyitiranga, gwali muzannyo gwange nnyo mu buto. Bwe twatwalanga embuzi ku ttale ne baganda bange, nga tulina okuyitirako mu kisenyi ne tukuba ku ddubi. Eno nga munnaffe omu alabiriza embuzi zireme kukutula kulya mmere y'abanyu, ffe abalala tweyunanga ekidiba wamma ggwe omuzannyo ne gunyuma.

Ng'okukuba eddubi kukutte akati, abakuguse mu kuwuga baaweekanga bannaabwe abatannayiga ng'olwo boolesa obukugu n'obumanyirivu bwabwe. Kyokka waliwo bannafe abaakwatibwanga ensisi ngababaweese, nekyavangamu kugwa mu mazzi ne babbira.

Sigenda kwerabira kizibwe wange Ssemujju lwe yagwa mu mazzi kata abbire mu mbeera eyo ey'okweraga. Munnange Ssemuju yatuuka ng'awakana ne mukwano gwe Kyakabaale mbu ye asobola okuweeka abalenzi babiri n'awuga okumalako ekidiba. Ekidiba kyali kiwanvu nno! Ssemujju ng'ayita bavubuka babiri mikwano gye, ng'abagamba bamudde ku mabega.

Ssemuju ky'ataamanya nti evvubuka erimu lye yali aweese, lyali lyeriira emmere yaalyo n'eriwerera. Munnange baba batuuka mu makkati g'ekidiba Ssemujju obuzito ne bumuyinga, twagenda okulengera ng'emikono gye gyokka egirabikako mu bbanga, abalenzi bonsatule babbidde! Nalinawo bannange awo abaali bakuguse mu kuwuga, nga bawenyako tuddukirirw bannaffe nga tebannakkirira wa Ssenkaaba. Ekyayamba twabatuukako nga tebannamira…! Bwetutyo ne tuyita ku lugwanyu munnange!





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Oluvannyuma lw'okusoma ekitundu ekikuweereddwa, nokolayo ku Naksigirwa ezoobwannannyini ezoogambisiddwa mu kitundu.
2. Wandiikayo sentensi ttano ezirimu Nakasigirwa ezoobwannannyini ezitali ezo z'onokodde mu kitundu ky'osomye.

### Nakasigirwa endazi

Emirundi mingi twogera nga tulaga ebintu ebituli ewala oba okumpi. Okugeza; "Leeta olweyo olwo twere wano"

"Bino ebitabo bya'ni?"

N'olwekyo Nakasigirwa endazi bwe bugambo obwo obutulaga ekyogerwako we kiba kiri mu sentensi.



## Ekyokukol 3: Okwogera n'okuwuliriza

Yamba Mukasa okukozesa Nakasigirwa endazi.

1. Mukasa alina gwa'laga eggaali. Eggaali eri kumpi ne Mukasa. Mukasa ajja kugamba nti; Eggaali…………………..
2. Mukasa alina gw'alaga omupiira. Omupiira guli wla ne Mukasa, kyokka guli kumpi ne gw'agulaga. Mukasa ajja kugamba nti, Omupiira ………………………….. .
3. Mukasa alina gw'alaga ekisaawe. Ekisaawe kiri wala wa bombi (Mukasa alagirira) ne gw'alaga. Mukasa awo aba agamba nti, Ekisaawe …………….. .

# 1.3: Okuzannya zzaala



## Ekyokukola 1: Kusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

Olw'ebbula ly'emirimu erikyase ensangi zino abantu abasinga tebakyalina ssuubi olw'okuba tebakyalina ssuubi olw'okuba tebakyasobola kwetuusaako byetaago ebisinga obungi. N'olwesonga eyo abavubuka bangi bettanidde nnyo okuzannya zzaala mbu bagezese emikisa gyabwe, nga basuubira nti bajja kwewangulira omudidi basobole okuwona olukookere lw'obwavu. Mu bye basinze okuzannyamu zzaala mwe muli okusiba emipiira (akapapula) n'okuzannya caanisi oba amatatu ag'essente.

Kyokka eby'embi abasinga obungi ssente zaabwe zibafudde. Bw'oyitaayita ku nguudo z'omu Kampala obudde obw'olweggulogulo osanga agamba munne "Eyo tiketi nfu naawe!" kino nno nga kitegeeza nti ssente ze yasibyewo zimufudde.

Endowooza eno ey'abavubuka okwagala akugaggawala amangu ereese ebizibu bingi nnyo mu bo.

Abavubuka bangi tebakyayagala kukola yadde obulimulimu obutono mwe bandifunye akasente akababeezaawo, abalala eby'okusoma kati bibawunyira zziizi, bangi beetuze oluvannyuma lw'okussa ssente mu kusiba emipiira ne zifiirayo, kwossa n'amaka g'abamu okusasika anti ng'omwami buli ka sente kaafunawo n'abaana abeerabidde, n'ebizibu ebirala bingi.

Gavumenti mu kugezaako okuzza embeera mu nteeko, etaddweo amateeka agakugira abaana abatannaweza myaka 18 okuzannya zzaala, tekomye ku ekyo amakampuni ageeyigira mu mizannyo egirimu okuzannya zzaala n'egabinika omusolo, ssaako n'okussaawo ekkomo ku ssaawa ezirina okuzannyirwa emizannyo egirimu okuzannya zzaala, naye okutwaliza wamu abantu bangi balowooza nti okuzannya zzaala mwe bajja okuyita okugaggawala ekintu ekitali kituufu.



Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Mu bibinja mukoleeyo ekipande ekiriko ebigambo ebirabula abantu obuteenyigira mu kuzannya zzaala.
2. Wandiika ensonga enkulu lwaki gavumenti yandiweze okuzannya zzaala.

## 1.4: Olulimi lw'ebyemizannyo



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga.***

Ku ssaawa mwenda zenyini ez'olweggulo ttimu y'essaza ly'e Ssingo ne Busiro zaayolekaganyanga obwanga mu kisaawe e Namboole. Luno lwe lwali olusamba olwakamalirizo olw'empaka z'emipiira gy'amasaza, era nga lwe lusalawo ani asitukira mu kikopo ky'amasaza.

Ddiiifiri ng'anekedde bulungi mu kajoozi ke era ng'ayimiridde mu makkati g'ekisaawe, omupiira yaguggyako akawuuwo. Awo ne ndyoka nkulabira abawagizi bwe bawaga wakati mu mitima okubeewanika. Abasambi bo entuuyo baali bazisaza bibatu era nga bw'obalaba olowooza nti mpozzi babayiiride mazzi anti nga bonna obujoozi bwe bambadde bubeekutte ku mibiri.

Eddakiika esatu ez'ekitundu ky'omuzannyo ekisooka zaggwaako nga tewali alengedde katimba ka munne. Naye liba teriri busa omusambi nnamba kkumi n'emu owa Ssingo n'aweereza ennyanda eyaleka ekisenge kya Busiro ng'ekiyuzizza kyokka omuzibizi wa Busiro n'afuba nnyo okulaba ng'omuteebi wa Ssingo tamuyitako ekintu akyamuviirako okumukuba ekkuuli kyokka agenda okukola kino ng'omuteebi Mawejje amaze okutuuka mu ntabwe ya Busiro, n'ekyaddako ddiifiri kufuuwa ffirimbi ng'abwasonga mu bunnya bwa Busiro. Kino kyali kitegeeza ssanyu eri ttiimu ya Ssingo kuba baali balaba ggoolo ewedde emirimu.

Ekyamazima essuubi lya Ssingo lyatuukirira kuba Mawejje omuteebi waabwe bwe yakuba ppenati buli muntu akatimba yakalaba nga kanyeenya. Okuva awo abawagizi ba Ssingo baalaluka olw'essanyu, ekisaawe ne kicankalana. Newankubadde mu kitundu ky'omuzaanyo ekyaddako, ab'olugoba oluteebi aba Masaka baafuba nga bwebasobola okunoonya ggoolo ey'ekyenkanyi naye bambi tekyasoboka, era eddenge evvannyuma ligenda okuvuga nga Ssingo ebala ggoolo emu, ate yo Masaka ng'erina kiiso kya mbuzi.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Nnyonnyola amakulu g'ebigambo ebisaziddwko mu kitundu ky'osomye.

## 1.5: Okuteekateeka / okutegeka omukolo

Omuntu yenna ng'anaakola ekintu ne kimugendera bulungi ateekwa okuba n'entegeka y'ekyo ky'ayagala okukola. Bye tukola ne bwe biba by'amu maka gye tubeera. Maama nga tannafumba kyamisana oba kyaggulo alina okusooka n'amanya abantu bameka abali ewaka b'agenda okufumbira emmere ye buli muntu ayinza kulya kyenkana wa? Newankubadde mu Buganda tugamba nti emmere naddala ey'ekyemisana tegerwa kuba oyinza okufuna omugenyi essaawa yonna, naye era maama tayinza kufumba mmere ya bantu makumi ana ng'ewaka waliwo abantu kkumi bokka. Mu mbeera bwetyo maama ne bwaba asuubira omugenyi emmere aba agidiibudde, naye nga kiba kivudde mu butaba na ntegeka.




## Ekyokukola 1: Okusoma

Weekenneenya enteekateeka ekuweereddwa wammanga.

**Enteekateeka**

| Essaawa | Ekyokukola | Akivunaanyizibwako |
|---|---|---|
| 6:00-6:30 Ez'omuttuntu | Ttiimu eŋŋenyi etuuka | • Omusomesa atwala eby'emizannyo<br>• Abakulembeza b'abayizi abakola ku olwo |
| 6:30 – 7:30 Ez'olweggulo | Ttiimu eŋŋenyi n'ekyaza zifuna okumanyagana | • Abantu bonna abaliwo |

| | | |
|---|---|---|
| 7:30 – 8:00<br>Ez'olweggulo | Kulambula ssomero | • Omusomesa atwala eby'emizannyo<br>• Abakulembeze b'abayizi |
| 8:00 – 10: 00<br>Ez'olweggulo | Omupiira gutandika | • Ddiifiri<br>• Abazannyi<br>• Omusomesa atwala eby'emizannyo |
| 10:00 – 10:30<br>Ez'olweggulo | Okwogera kw'abantu ab'enjawulo | • Omusomesa atwala eby'emizannyo<br>• Omukulu w'essomero |
| 10:30 – 11:30<br>Ez'olweggulo | Kyamisana na kwabuka | • Bonna abaliwo |



## Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliza


1. Kiyambaki okuba n'enteekateeka ng'olina omukolo gw'otegeka?
2. Menya ebintu ebikulu ebissiddwako essira mu nteekateeka gy'olabye mu ky'okukola 01 waggulu.

## Embalirira y'akabaga akakulisa abasambi ba Ssingo okuwanguza empaka z'amasaza

| Ebyokugula | Obungi | Ssente ze kigula | Omugatte |
|---|---|---|---|
| **Emmere** | | | |
| Amatooke | Enkota 5 | Buli emu 25,000/= | 125,000/= |
| Omuceere | Kkiro 100 | Buli kkiro 3,000/= | 300,000/= |
| Lumonde | Ensawo 01 | Buli nsawo 150,000/= | 150,000/= |
| **Enva** | | | |
| Ennyama | Kkiro 30 | Buli kkiro 12,000/= | 360,000/= |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Enkoko | Munaana 08 | Buli emu 30,000/= | 240,000/= |
| Obutiko | Amatu 07 | Buli ttu 5,000/= | 35,000/= |
| **Ebirungo** | | | |
| Ennyaanya | Ekibbo 01 | Buli kibbo 20,000/= | 20,000/= |
| Obutungulu | Ebisaaganda 05 | Buli kimu 5,000/= | 25,000/= |
| Obunzaali | Akakebe 01 | Buli kamu 7,000/= | 7,000/= |
| **Ebyokunywa** | | | |
| Amazzi | Bbookisi 02 | Buli emu 20,000/= | 40,000/= |
| Omwenge | Ebita 10 | Buli kita 30,000/= | 300,000/= |
| Omubisi | Ebita 20 | Buli kita 20,000/= | 400,000/= |
| **Omugatte gwa ssente zonna** | | | **2,002,000/=** |

Abagenyi abasuubirwa 300.



## Ekyokukola 3: Okuwandiika

1. Kitwale nti ggwe ssentebe w'akakiiko akateekateeka omukolo ekibiina kyammwe kwe kinaajaguliza okuwangula ebibiina ebirala mu mpaka z'ebikonde ezaategekebwa omwaka oguwedde
   a) Wandiika enteekateeka eneegobererwa ku lunaku olwo.
   b) Wandiika embalirira eyeetaagisa okutegeka omukola gubeere makeke.

## 1.6: Ebikulu ebikwata ku muntu mu bufunze

Kirungi nnyo bulijjo okujjukira abantu olw'ebirungi bye baba bakoze era ne tubissa mu buwandiika bisobole okusomwa n'abaliddawo.

Kino okusobola okukikola obulungi tuba tulina okulondoola omuntu gwe twagala ajjukirwe nga tuviira ddala ku buzaale bwe, tuutwo mu kiseera ng'attuludde, ssaako n'obukadde bw'omuntu oyo. Emitendera gy'obulamu bw'omuntu oyo nga tugigoberera essira tulissa ku bintu ebyamufuula ow'enjawulo ku balala mu kiseera ebyo.

Ebyo bye tuyita ebintu ebikulu ebikwata ku muntu mu bufunze. Oluusi abantu abamu basalawo bo bennyini ne beewandiikako nga balaga ebyo bye bazze bayitamu mu bulamu n'ebintu ebikulu bye bakoze.



Ekyokukola 1: Okusoma

## John Akii-Bua

Munnabyamizannyo John Akii-Bua yakulira mu maka ga baana 43 kitaawe be yazaala mu bakazi munaana. Mu 1986 yatandiikiriza okudduka emisinde gimubunabyalo ku mutendera gw'ensi yonna bwe yeetaba mu mpaka za Olympics kyokka n'atayimu.

Kyokka teyaggwamu maanyi, mu 1972 yaddamu n'azetabamu era ku mulundi ogwo n'awangula omudaali ogwa zzaabu, ng'amenye likodi. Emisinde yagiddukira eddakiika 47 n'obutikitiki 82. Akii-bua nga yali musirikale wa ppoliisi, omukulembeze w'eggwanga ebiseera ebyo Idi Amin Dada yamulinnyisa eddaala n'amuzimbiraa n'ennyumba etemya ng'omuntu. Yaddamu n'akikirira Uganda mu mpaka za Olympics mu 1980.

Yawaŋŋangukirako ku muliraano e Kenya oluvannyuma lwa Idi Amin okwagala okumutta. Kyokka ng'ali eyo aba kkapuni ya Puma abaakolanga engatto ze yaddukirangamu baamuggyayo ne bamutwala e Bugirimaani n'akola nabo okumala emyaka ena.

Oluvannyuma yakomawo mu Uganda ng'omutendesi w'abaddusi b'emisinde gimubunabyalo.

Akii –Bua yazaalibwa nga 3$^{tu}$ Ntevu 1949, n'afa nga 20$^{ri}$ Ssebaseka 1997 ng'aweza emyaka 47; yaleka abaana kkumi n'omu. Erinnya lya Akii –Bua yafuula eŋŋombo mu Uganda etegeeza omuntu okudduka.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Funayo munnabyamizannyo omututumufu gw'omanyi owandiike ebintu ebikulu ebimukwatako.

**NB:** By'owandiika tebirina kuba biyiiye, birina okuba nga by'amazima. Weeyambise omutimbagano okunonyereza ku bikwata ku muntu gw'oyagala okuwandiikako, oba weebuuze ku bantu abakulu abamanyi ebimukwatako.

## 1.7: Okwewummuzaamu

Ensangi zino abantu bangi beenyigidde mu by'okukola ebitali bya ngeri zimu, abamu basoma, abalala basomesa, waliwo abalima ne bannekolera gyange.

Emirimu gyonna egikolebwa gibe gya mikono, oba kukozesa bwongo, gikooya omubiri okutwalira awamu. N'olwekyo omuntu aba yeetaaga okuwummulamu ne yezza buggya. Abatawummula bamaliriza balwadde endwadde ezitali zimu ng'ekimenyoomenyo, n'abalala bye bakola bitandika obutatambula bulungi.

N'olwekyo okwewummuzaamu kintu kikulu nnyo mu bulamu. Ebiyinza okukolebwa mu ngeri y'okwemummuzaamu bingi; waliwo abayimba n'okuzina, abandi balabawo ffirimu so nga n'abalala basalawo kubeera ku bubaga ne bannaabwe.








Kisaana kijjukirwe nti okwewummuzaamu tekitandise mulembe guno. Ne bajjajjaffe nabo baawummulanga nga bamalirizza emirimu gyabwe egitali gimu. N'olwekyo okwewummuzzaamu kikolebwa mu budde obwo omuntu ng'amalirizza by'alina okukola mu lunaku.

Bajjajjaffe baalina bingi bye baakolanga okwewummuzzaamu, gamba nga; okukuba amadinda, okwesa, okuzannyisa amafumu n'ebirala. Naye mu byonna ekyasinganga okunyuma kwe kufuma n'okugera engero.




Mu kiseera ky'kwewummuzaamu kino abaana baayiganga bingi ebikwata ku litulika omwogere, nga engero ensonge, ebikoco, kanyoolannimi, ebitontome, n'ennyimba n'ebirala.



## Ekyokukola 1: Okwogera

1. Nga mukolera mu bibinja, munnyonyolagane ku bintu ebikolebwa okwewummuzaamu mu biseera bino, nga mubigeerageranya n'ebyakolebwanga ab'edda.



## Ekyokukola 2: Okusoma

***Soma emboozi eno ey'abantu babiri nga boogeraganya, n'oluvannyuma ofuneyo munno muginyumye nga bweri..***

**Kasule:** Nsamba, ogamba otya muganda wange? Gyebaleko.

**Nsamba:** Sirina bigambo, mpozi ggwe.

**Kasule:** Sirina buzibu. Ekibuuzo ky'omusomesa wakimalirizza?

**Nsamba:** Kibuuzo ki kazzi?

**Kasule:** Eh, weerabidde ekibuuzo kye yatuwadde tuwandiike emboozi nga tulaga akabi akali mu kunywa ssigala?

**Nsamba:** Bannange…! Nze mbadde mbyerabidde. Kasule nina ekizibu munnange, ky'ova olaba ne bye nkola tebikyakwataga.

**Kasule:** Kiki ekikutawaanya? Eka tebakuwa kadde kuwummulamu?

**Nsamba:** Nedda munnange obuzibu tebuli ku bazadde bange.

**Kasule:** Eeeh, obuzibu buli ki?

**Nsamba:** Munnange taata jjuuzi yampa ssente ez'ebisale by'essomero nzitwale mu bbanka naye mukwano gwange Kirabira n'aŋŋamba mbu tusobola okusooka ne tuzisibamu akapapula ne zizaala ne………….

**Kasule:** Katonda wattu! Ekiki? Ssente z'ebisale by'essomero wazizannyamu zzaala Nsamba?

**Nsamba:** Ekyamazima nange si kye nnali njagala, naye Kirabira yammatiza nti bwe tuzisiba ku mupiira gwa Man U ne Arsenal tuba tujja kufunamu ssente endala nnyingi nnyo.

**Kasule:** Eyo wakola nsobi muganda wange. N'eggulo tewasomye ng'oli mu ebyo bikutawaanya?

**Nsamba:** Munnange anti ntya omukulu w'essomero okundaba. Ajja kummanja ssente z'ebisale by'essomero nga sizirina, angobe ate olwo kannyinaze ka Nayiga kandoopeyo ewa taata.

**Kasule:** Ho! Oli mu buzibu sseruganda naye luno bw'oluyitako bambi ebyo tobiddangamu.

**Nsamba:** Oli mutuufu Kasule, weebale nnyo amagezi ago. Ekintu kimmazeeko emirembe. Kale tunaddamu enkya kambeeko bye nkola.



Ekyokukola 3: Okuwandiika

1. Nga mukola bana bana, muwandiike ebirungi n'ebibi ebiri mu bintu ebikolebwa abantu okwewummuzaamu.

## 1.8: Okuwandiika emboozi ey'okukubaganya ebirowoozo

Mu bulamu mwe tutambulira kikulu nnyo abantu okuba nga tuwuliziganya. Buli awabeera abanyu abangi bayinza okukkaanya ku nsonga oba obutakkaanya naye ekyo tekiggyawo mpuliziganya wakati w'abantu abo. Yadde nga tokkirizaganya na ndowooza ya muntu, obeera oyagala omuntu oyo akutegeere, sinakindi akkiriziganye n'endowooza yo.

Bwe tuwandiika nga tuwa ensonga ze tukkiririzaamu era ze tulowooza nti ze ntuufu, era nga tugezaako okumatiza abalala nabo bakkiriziganye n'ensonga zaffe, emboozi egy'engeri eyo gye tuyita ey'okukubaganya ebirowoozo.



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

"Kisaanye omuntu okufuuweetera ssigala mu bantu?"

Abantu bangi bafuuwa ssigal nga bali mu bannaabwe naddala mu bifo eby'olukale nga bbaala, ebifo ewalabirwa katemba n'ebirala naye ekybuuzibwa nti ekikolwa ekyo ddala kituufu? Abantu bangi bayinza obutaba na kyakuddamu ku nsonga eyo kuba abamu balowooza nti ddembe lya muntu abamu balowooza nti ddembe lya muntu okukola ky'ayagala naye nze ŋŋamba nti ekokolwa ekyo tekisaanidde.

Ekisookera ddala ffenna tukimanyi nti okufuweeta ssigala kirwaza, era ebirwadde nga kkookola w'amawuggwe biva ku kufuuweeta ssigala.

N'olwekyo toyinza kulwaza bantu banno mu bugenderevu olw'okuba ggwe ssebo/ nnyabo olina eddembe lyo. Kimanye nti n'abalala balina eddembe okubeera abalamu ate obulamu tebugulwa.

Ekirala omuntu bw'atandika okunywa ssigala kiba kizibu okulekayo omuze ogwo. Bw'ofuuweetera ssigal mu bantu banno obayigiriza omuze gwo mu butali bugenderevu ate nga bwe gunaamala okubakwata kigenda kuba kizibu nnyo okugulekayo.

Ssigala oyo omunywere mu bifo eby'olukale aviiriddeko okufiirwa abantu n'ebintu nga kino kiva ku muntu anywa ssigala n'asuula obutundutundu obusigalira ku minwe gy'asigala nga bukyaliko omuliro ne bukwasa ebintu ebirala ebibuliraanye omuliro, n'ekivaamu gwe muliro okubuubuuka wonna. Ebibira n'obutale bingi biyidde mu ngeri eno eggwanga ne lifiirwa obutitimbe bw'ensimbi olw'obulagajjavu bw'omunywi wa ssigala omu eyeerowoozaako yekka.

Ng'oggyeko ebyo waggulu, okufuuweetera ssigala mu lujjude kikosa n'obutonde bw'ensi, olw'ekika ekyo kye bafuuwa n'obutundutundu obwo obusigalira ku minwe gya ssigala, bwe bugenda mu ttaka terisigala kye kimu.

Okutwaliza awamu, okufuuweeta ssigala kisaanye kuwerebwa oba si ekyo abanywi ba ssigala babeeko ebifo ebyetongodde gye bamunywera.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Nga mukola babiri mumenye ensonga omuwandiisi z'awa okumatiza abasomi be nti ddala okufuuweeta ssigala kibi era kisaanye kiwerebwe.

### Ekyokukola ekiwumbawumba essuula:

**"Ebintu ebyakolebwanga ab'edda okwewummuzaamu byaganyulanga nnyo abantu era ne leero byandiganyudde nnyo abantu okusinga ebikolebwa eby'okwewummuzaamu ebikolebwa ku mulembe guno"**

Nga mukolera mu bibinja muwandiike emboozi ya bigambo 250-300 nga muwagira oba okuwakanya endowooza eyo waggulu.

Mu mboozi yammwe mufube mulabe nga mumatiza abatali ku ludda lwe muwagira bakkirize okutwala endowooza yammwe.



# Essuula 2 Eby'obulambuzi ebyennono

| Ebigambo ebikulu | Obusobozi |
|---|---|
| • Eby'obulambuzi<br>• Ennono<br>• Ensiko<br>• Okuyigga<br>• Amakuumiro<br>• Embu z'amannya<br>• Eby'omunsiko<br>• Olulimi lw'ebyobulambuzi | ***Oluvannyuma lwe'essuula eno, osuubirwa okuba ng'osobola:***<br>• Ebigambo eby'enjawulo ebyeyambisibwa mu by'obulambuzi.<br>• Okuzuula amannya g'ebyomunsiko n'amakuumiro g'ebisolo agasangibwa mu Buganda.<br>• Okuwa amannya agagwa mu Mbu z'amannya ennya ezisooka (1-4).<br>• Okutegeera obukulu bw'ebifo n'ebintu ebyennono mu Buganda<br>• Okunnyonnyola emigaso n'okusoomoozebwa okuli ku makuumiro g'ebyomunsiko n'ebifo ebifundafunda abantu we bagenda okulaba ku by'omunsiko.<br>• Okweyambisa omutimbagano okuzuula ebisolo n'ebinyonyi byomunsiko ebyenjawulo amakuumiro mwe bisangibwa. |

## Ennyanjula

Essuula eno egendereddwamu okukusobozesa okwogera ku byomunsiko, ebifo n'ebintu byobulambuzi eby'ennono ng'okozesa Oluganda olutuufu.

Ojja kuyiga amannya g'ebisolo n'ebinyonyi byomunsiko ebisangibwa mu bifo ebifundafunda ebyenkalakkalira abantu gye bagenda okulaba ebyomunsiko ne balaba obugagga bwo buwabgwa bwabwe.

Era mu ssuula eno ojja kuyiga embu z'amannya okuva ku lusooka okutuuka ku lwokuna (1-4).Ojja n'okuzuula we ziri mu kigambo oba mu sentensi.Ojja kuba ng'osobola okuwa emigaso n'emikisa egiri mu byomunsiko wamu n'okusoomoozebwa okubyolekedde nga weeyambisa oluganda olutuufu.

## 2.1: Olulimi lw'ebyobulambuzi

Mu mulamwa guno ojja kuyiga olulimi olukozesebwa mu byobulambuzi.Ebyobulambuzi mulimu oguteeyolese nga gutambulira ku bugagga bw'obutonde Katonda bwe yagonnomolera Buganda. Obugagga buno busikiriza abalambuzi okuva e Bule ne Bweya, wano mu Buganda n'ebweru wa Buganda. Abalambuzi ekibaleeta kulaba bifo byabulambuzi, kwewummuzaako mu biseera byabwe ebye ddembe, eby'emizannyo n'okusanyukako nga bali mu bifo by'obulambuzi.

Ekiba ekiddirira kiwumbawumba ebyobulambuzi mu Uganda. Luŋŋamya abayizi bakikyuse bakizze mu Luganda olutuufu nga beeyambisa ebigobererwa nga tukyusa ekiwandiiko.

### Uganda, Africa's tourism hub

Uganda is among the top ten countries known for their rich tourist attractions. Uganda's variety of natural resources range from diverse wildlife, forests, mountains, water bodies and wetlands that support not only wildlife but also bird sanctuaries and human populations.

A number of Uganda's people live alongside these tourism features. They have preserved their cultural diversity as well as nature herself has, so that Uganda is now popularly known as a great tourist attraction at the heart of the African continent.

Uganda receives foreign tourists who come to enjoy viewing these attractions at a fee charged by the Tourism Board.

Ugandans are encouraged to take part in indigenous tourism by charging them a subsidized fee.

Despite this consideration, Ugandans still shy away from enjoying the sites of their God-given natural tourism attractions even in this the twenty - first century.



### Ekyokukola 2: Okuwandiika

Mu bibinja;

Munokoleyo ebigambo ebirina akakwate ku byobulambuzi. okuva mu kitundu kye mu kyusizza.

1. Mukozese ebigambo ebyo mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu kibayambe okulaga obumanyi bwabwe mu lulimi .

| **Olulimi lw'ebyobulambuzi.** | **Sentensi.** |
|---|---|
| Ekyokulabirako;<br>Ebisikiriza abalambuzi. | Uganda nsi eyaweebwa eby'obutonde ebisikiriza abalambuzi. |
| 1. | |
| 2. | |
| 3. | |

## 2.2: Eby'omunsiko mu Uganda



### Ekyokukola 1: Okusoma

#### Ekkula mu kkula ly'Africa

Bwali buwungeera buti ne tugoba bumale ku Apoka Resort Comp era bwe twali tuyingira tuti ekitundu ne ndaba ennimi z'omuliro nga zidda ku mataala ga mmotoka yaffe.

Okello eyali atulambuza yatunnyonnyola nti"Ago maaso ga misu, bibe n'emisege."“Gano ge matwale gaazo mwe ziyiggira eky'okulya mu lukoola luno ng'obudde buzibye.”

Enkeera nga Katonda abuggyeeko eddiba twabukeereza nkokola okulya ekyenkya twolekere ekiwonvu kye kkuumiro ly'ebyomunsiko li Kidepo nga ffenna tuli basanyufu ng'akimezezza okw'enjala.

Newankubadde obudde bwali bukyali bwa ku makya nnyo-ssaawa ng'emu, enjuba yavaayo nga tulaba amagulu gaayo nga gayise ku lusozi Moroto wamma ggwe ng'erabika bulungi nnyo. Yali ennyuma okulabako ngetabise langi ya bbulu, kyenvu ne kipaapaali wamma ggwe netukakasa lwaki Afrika eyitibwa ssemazinga w'enjuba.

Ku ssaawa nga taano ezookumakya nga Apoka Resort Comp tugireseeko katono mu nsozi zetukubye amabega, twagenda busimbalaala okutuusa nga tutuuse mu lusenyi olw'omuseetwe nga lusinga ne Lwera.Eyali atulambuza yatunnyonnyola nti gano maka omulimu ebika by'ensolo eby'enjawulo ebiri wakati w'ekinaana n'ekikumi (80-100) era nga byamayiira bulungi embeera y'obudde mu kitundu kino.

Ekkuumiro ly'ebyomunsiko lino lyebulunguluddwa ensozi mu bukiika kkono n'ebuvanjuba.Kwe kugamba ensozi zino zezikola ensalo ya Uganda ne South Sudan mu Bukukakkono era ne Kenya mu buvanjuba.

Ekkuumiro lye byomunsiko lino Kidepo litudde ku kitundu omuli emigga ebiri; omugga omutono ogusangibwa mu kiwonvu ekiyitibwa Barus n'omugga omunene ogusangibwa mu kiwonvu Kidepo ekkuumiro lino kwe lyajja erinnya.

Twali tukyewuunya ebyo, amaaso negatulaaga eggana ly'entulege nga liva gyetugenda lidda gyetuva.Entulege zino zaali zinyirira nga gy'obeera bazisiiga kazigo. Enjuba bwezaakako bweti n'olaba bwezimasaamasa ate nga bwe zirigita. Bw'oziraba weewuunya Katonda eyatobeka langi zaazo enjeru n'enzirugavu ne zinyuma zityo.

Omugoba w'emmotoka yasala ku misinde n'atulabula okuggala amadirisa gonna. Twagenda okukebuka nga ku ggana ly'empologoma kw'etulaba nga mulimu enkulu n'obuto kino kyatulaga lwaki entulege ziri zaatuyitako nga zidda muli zitaase obulamu.

Eyali atulambuza yatugamba nti, "muli ba mukisa, kuba empologoma, engo n'ensolo endala entonotono ezigwa mu kika kye kimu tezikyalabika mu kifo kino.

Zeekuumira eyo mu nsozi waggulu eno zijayo bbalirirwe okweyiggira ku kyokulya.

Mu ttuntu twlambula Kidepo yenna netutuuka ne ku mugga ogwakalira olwo netufunyamu okudda ku Apoka Resort Comp. omukisa gwatukwata nga tukomawo netusanga abazinyi abazina amazina g'ekinnansi agazinibwa Abakaramojja nga bawasa.Twatunula ne twewuunya abaana balenzi n'abawala nga bakunkumuka amazina aganyuma okufa obufi.

Abazinyi bano nabo kyabulambuzi.Abakazi Abakalamojja bakyala abanyumirwa ennyo era abamanyi ennyo langi n'ebikwata ku langi.

Eggwanga lya Abakalamojja nalyo mwattu kya bulambuzi. Ennyambala y'abakyala Abalamojja bamanyi era bettanira nnyo langi n'ebiruke ebinyirivu ennyo bye bateeka mu bulago, ku mutwe, emikono n'amagulu. Abantu bano balabika bulungi olukola luno nga bambadde amaliba amalungi agaawundibwa mu ngeri eyeekyewuunyo gy'otalabangako.Gawudibwako obubira bwa langi ezenjawulo enkyamufu.Amalibu gano gaawalibwa ne gasiigibwako amasavu wamma ggwe ne gagonda ng'olugoye lwa liiri.Bino byonna byatunyumizibwa nnamukadde Akello Lewontina eyali azze naye anyumirwe ku mazina agaali gagenda mu maaso. Era yagenda mu maaso n'atugamba nti bo abavubuka abalenzi beewunda bulungi buyirizi obutono obulabika obulungi, ku mitwe ne bassaako ebyoya by'ebinnyonyi ebyebbeeyi ate nga bimanyifu nnyo nga mmaaya. Omuzinyi bwe yagiraga n'azina nga bw'alaga akakakakuufu ke mu bulago akaaliko erinnya ly'empologoma oba ery'engo.Buli muzinyi mulenzi yazinanga n'akaggo ke akayooyoote obulungi mu mukono ogumu n'effumu erimasaamasa ennyo ddala mu mukono omulala.

Nze nneewuunya nnyo engeri abantu bano gye babeeramu mu kifo kye kimu n'ebisolo by'omunsiko mu ddembe mu kiwonvu kya Kidepo.Amangu ago obwongo bwandeetera ekirowoozo nti Kidepo webeeredde etyo, kiri kitya mu makula amalala amatongole agali mu Uganda agawerera ddala kkumi bwe ddu n'ebyobulambuzi ebigajjudde.Nalowooza ku kkuumiro ly'e Mburo ery'e Muhavula n'ennyanja ezigalimu ezifaanana ng'ebimuli ebyetooloovu, nentambuza ebirowoozo nzuuyo ku gabira agakutte be ppo ppo mu kkuumiro lye byomunsiko e Bwindi erisingamu ebisodde ebisinga obungi mu nsi yonna.

Mazima ddala kituufu Uganda erina amakula g'ebyobulambuzi mu ngeri nnyingi ng'ennyanja, ebibira, obuwangwa n'ebyomunsiko ebiwerera ddala.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

**Ddamu ebibuuzo bino wammanga:**

1. Kyabulambuzi ki mu Uganda omuwandiisi kye yakyalira okusinziira ku kitundu ky'osomye?
2. Nokolayo ebintu ebyobulambuzi omuwandiisi n'ebalambuzi banne bye baanyumirwa okusinziira ku kitundu ky'osomye.
3. Bifo ki ebyobulambuzi omuwandiisi by'ayogerako nga tebiri mu kifo kye baali balambula okusinziira ku kitundu ky'osomye.
4. Wa enjawulo wakati w'ekkuumiro ly'ebyomunsiko mu ggwanga n'obufo obufundafunda omukuumirwa ebyomunsiko okwanguyiza abantu okubirambula.
5. Nga muli mu bibinja bya bana bana nga mweyambisa mutimbagano, mujjuze olukangaga olulaga ebyomunsiko mu Uganda ne wa webisobolwa okulabirwa / okulambulwa.

| Ebyomunsiko | Ekkuumiro we bisangibwa |
|---|---|
| 1. | |
| 2. | |
| 3. | |
| 4. | |
| 5. | |
| 6. | |
| 7. | |
| 8. | |
| 9. | |
| 10. | |



## Ekyokukola 3: Okusoma


***Soma ekitontome ekikuweereddwa wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebigenderako:***

### Wampisi

Wampisi otambula osooonooka ki
Ng'oyigga ekiriibwa
Olulala n'okongojja
Ng'omukunku ayeekoonye.

Olingiza wano na wali
Ofune ggwe ky'oyiikiriza
Obukirabuukira nebiri ebusukka
Ng'olinga enswera enaabojja.

Ennyindo n'ozitikka
Nga sseddume enaaweesa
Mbu okonga lusu
Ky'oyigga n'okirondoola
Bw'okigwa mu buufu
Enseko ne zikubuna amatama





## Ekyokukola 4: Okuwandiika

1. a) Empisi etambula etya okusinziira ku sitanza esooka?
   b) Empisi ekola etya ng'erina kyenoonya?
   c) Empisi ekola etya ennyindo yaayo ngerina kyewunyiriza okuyigga?
   d) Empisi ekola ki ng'efunye ky'enaalya okusinziira ku sitanze 3?
2. Nga weeyambisa olulimi olugerageranya oluli mu kitundu, "Ekkula mu kkula ly'Africa." Ne mu kitontome Wampisi, wandiika sentensi ttaano nga buli emu erimu okugeraganya.
3. Olukangaga luno wammanga lulimu ebyomunsiko ebimanyiddwa mu Buganda. Ku buli kimu leeta ekisoko ekikikwatako nga kirimu akagambo "nga" akageraageranya

| Ebyomunsiko | Ebisoko ebirimu akagambo “nga” akagerageranya |
|---|---|
| Empologoma | |
| Enjovu | |
| Entulege | |
| Entugga | |
| Ekibe | |
| Empisi | |
| Empungu | |
| Mmaaya | |
| Ejjuba | |
| Ŋŋaali | |
| Essalambwa | |
| Enkima | |
| Goonya | |
| Enfudu | |

4. Nga muli babiri babiri mwerondereyo ekisolo oba ekinyonyi ekyomunsiko kye mumanyi mukiwandiikeko ekitontome.
5. Ekitontome kye muwandiise mukisomere bayizi bannamwe mu kibiina.

## 2.3: Embu z’amannya



### Ekyokukola 1: Okusoma

Embu z’amannya kitegeeza ebika by’amannya agatumibwa abantu n’ebintu ebyenjawulo.Mu Luganda tulina embu abiri mu ssatu (23).Embu zino zisibuka mu lulimi olugereeki..


Mu ssomo lino tujja kuyiga ku mbu nnya ezisooka (1-4). Era ze zino wammanga;

1. MU  2. BA  3. MU  4. MI

Mu lubu luno mugwamu amannya ga ngeri ttaano (5);

a) Aga lukale; muwala, mulenzzi, musajja, mukazi n’amalala.

b) Ag'enkalakkalira; Ssempijja, Mwesigwa, Bbaadiru n'amalala




## Ekyokukola 2: Okuwandiika

a) Jjuza amabanga agalekeddwa mu lukangaga luno wammanga.

| Olubu | Amannya agagwa mu lubu | Amannya nga gakozeseddwa mu sentensi |
|---|---|---|
| 1MU | …… | …… |
| 1MU | …… | Tulinze ssentebe olukiiko lutandike |
| …… | Muwala | |
| …… | …… | Mbadde mpoomeddwa naye muwogo |
| | | alimu akakaawa |
| 3MU | mukyere | …… |
| …… | …… | Nkuleeteddeyo omuyembe ogwegedde |
| 4MI | …… | …… |
| …… | …… | Bw'oteeka emicungwa emingi mu butundu tebuwooma |
| Mukeeka | | |

# 2.4: Ebifo n'ebintu eby'ennonno



## Ekyokukola 1: Kusoma



**Nakayima omuti ogw'ebyewuunyo**

Omuti gwakula ne guwola, mwagaagavu ate ogwawanvuwa ne gulangajja. Guwaniriddwa agalandira agaakula ne gawola mu bunene kumpi kwenkana nduli ya Nakayima yennyini.

Omuti guno gusangibwa mu ssaza lya Ssaabasajja kabaka ery'essingo mu disitulikiti y'e Mubende nga wakavaako katono mu kabuga k'e Mubende.

Bwo'tuukawo olaba obupande obuliko ebiragiro ku ki kyoteekeddwa oba kyotateekeddwa kukolera mu kifo kino. Bw'otuuka mu kifo kino osabibwa okuggyamu engatto n'obutawogganiramu. Bw'oba okola ekikututte toteekeeddwa kutaataaganya balala.Mu kifo kino mulimu abantu b'osangamu nga bakola ebintu ebyenjawulo ng'okukuma mu byoto, abalala banywa mmindi, abandi bagalamidde bawummuddemu.Waliwo n'abali ku bijjulo balya.

Oluba okussa ekigere kyo mu kifo kino oyanirizabwa n'akamwenyumwenyu ku matama. Bw'amala okukulamusa ng'akubuuza olulimi olukwanguyira ku lungereza n'oluganda anti ye ennimi zombi azikuba budinda kasita omugamba nti Luganda ng'alukuviira ku ntono.

Agamba nti omuti guno gwasimbibwa muka kabaka Ndawula eyayitibwanga Nakayima emyaka nga bina egiyise. Era n'ettaka kwe gwasimbibwa lyaweebwayo ssekabaka Ndawula. Kabaka ono bweyakisa omukono, mutabani we Wamala n'alya ŋŋoma.

Nakayima gwe gumu ku miti egisikiriza abalambuzi mu Buganda.Gumanyiddwa nti gulimu amaanyi agenjawulo nga n'omusambwa gwa Ndawula mwe gutuula era eno y'ensonga lwaki guwangadde ekyenkanidde awo. Gwatuumibwa Nakayima kuba eyagusimba yali ayitibwa Nakayima.

Nakayima bwe yasimba omuti guno yagwagala nnyo era yagukuumanga butiribiri.Nakayima ku ekyo kyokka, n'omuzimu gwa bba yagusamiriranga awo ku muti guno. Abantu abaalwalanga kawumpuli bajjanga n'abavumula. Nakayima yavumulanga n'endwadde endala nnyingi abasawo abalala mu Buganda ze baalemwanga. Nakayima yagabanga n'emikisa n'okuwa enzaalo.



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Soma ekitundu ekikuweereddwa waggulu n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo bino wammanga

1. Omuti gwa Nakayima gusangibwa mu kifo ki mu Buganda?
2. Menyayo ebiragiro bibiri ebiweebwa abalambuzi abagenda okulambula Nakayima.
3. Lwaki Abaganda bakumye omuti guno emyaka egyo gyonna nga bagweyumirizaamu?
4. Menyayo ebintu ebikolebwa mu kifo kya Nakayima nga bisikiriza abalambuzi ng'oogyeko omuti gwa Nakayima.
5. Ng'okozesa omutimbagano n'enkola endala esoboka mu ssomero lyo zuula ebifo byobulambuzi eby'ennono ebisangibwa mu Buganda olage n'amasaza mwebisangibwa


| **Ekifo ky'eby'obulambuzi eky'ennono** | **Essaza** |
|---|---|
| Ennyanga za Walumbe e Ttanda | ___________ |
| Ennyanja ya Kabaka | ___________ |
| Ssezzibwa | ___________ |
| Amasiro ga bassekabaka e Kasubi | ___________ |
| Obuta bw'ekika kyo | ___________ |
| Ekiggwa ky'abajulizi e Namugongo | ___________ |
| Twekobe | ___________ |

6. Mennya ebintu eby'ennono bitaano ebisangibwa mu maka g'omuganda era owe emigaso gyabyo.



### Ekyokukol 3: Okwogera n'okuwuliriza


1. Nga mukolera mu bibinja bya babiri babiri muzannye akazannyo nga kali wakati w'omulambuzi n'alambuza, omulamwa gw'akazannyo gubeere obukulu bw'ekifo ky'ennono ekisinga okuba okumpi n'essomero lyammwe.
2. Akazannyo mukazannyire bayizi bannamwe mu kibiina.



### Ekyokukola 4: Okuwandiika

1. Wandiika emboozi ya bigambo nga bikumi bibiri mu ataano (250) ng'ekwata ku bifo byobulambuzi eby'ennono mu Buganda.

## 2.5: Emigaso n'okusomoozebwa okwolekedde enkuuma n'enkozesa y'ebyomunsiko ennungi





Ekyokukola 1: Okusoma

## Uganda okukula ngeyita mu byobulambuzi

Mu kaweefube wa Uganda okutuuka ku ddaala ly'amawanga agali yaddeyaddeko omwaka gwa nkumi bbiri mu ana (2040) we gunaatuukira yeesibye nnyo ku bulambuzi ng'oggyeko amakubo amalala.

Okutuuka ku kiruubirirwa kino gavumenti etemye empenda nnyingi nga n'okutumbula eby'obulambuzi mw'okitwalira. Minisitule y'ebyobulambuzi nga ye nsaale, ebitongole bingi bitondeddwawo okukulakulanya ebyobulambuzi mu ggwanga. Tulinawo Uganda Wildlife Authority ne Uganda Tourism Board.

Ng'oggyeko amakuumiro g'ebyomunsiko ana, ekitongole kya Uganda Wildlife Authority kitonzeewo era ne kikasa obufo obufundafunda obukola ng'amakuumiro aganguyira abantu okugenda ne balambula ku byomunsiko.Kino kyakolebwa bwe kityo kubanga bannansi abasangibwa mu bifo bya Uganda ebyo, baali bafuukidde ebyomunsiko ekyambika, babiyigga okubirya, okubiggyako amasanga n'ebyomuwendo ebirala. Obufo buno busangibwa eyo mmu masosso g'ebyalo mu Uganda nga Bakora mu Karamoja, Kabwoya mu Hoima ne Kyambura mu Bushenyi.

Abantu bayigganya ebyomunsiko okw'ensonga nti ebitundu by'emibiri gy'ebisolo by'omunsiko bikozesebwa ng'eddagala so nga ebirala nabyo biyigganya abantu nga bibalya oba okubaliira emmere obufo obwo busangibwa mu bibuga nga bwetulina Entebbe Wildlife Education Centre e Ntebe.Empenda za gavumenti zino zivuddemu ebibala kuba abalambuzi bazze beeyongera mwaka ku mwaka era omulimu gw'obulambuzi gulimu abakozi abali eyo mu bukadde kkumi nga mw'obalidde abakugu ennyo n'abatali. Abalambuzi beeyongedde okuva wano munda mu ggwanga n'ebweru wa Uganda.

Amakuumiro g'ebyomunsiko gazimbiddwako ebifo by'okwewummuza, ebisulo by'abagenyi, eby'emizannyo ng'amaato n'emmotoka ezekirambuzi.

Ekisanyusa nti abakola mu bifo bino baana bannansi abasomye nebafuna obukugu n'abataasoma naye nga balina kye bamanyi ku byobulambuzi.

We twogerera bino Uganda efuna abalambuzi obukadde butaano okuva ebweru w'eggwanga n'ebafunamu akawumbi kamu n'obutundutundu bubiri (1.2) obukadde obuli eyo mu lwenda mu asatu (930) buddizibwa mu zi disitulikiti awasangibwa amakuumiro gano neziyambako mu by'enkulakulana.

Bannansi ababeera mu bifo ewasangibwa amakuumiro gano nabo kyabulambuzi ekiwedde engalo. Sirwakuba nti obutonde bwabwe n'ebyomunsiko bye baliraanye balina bingi byebafaananya ng'endaga butonde. Ekyokulabirako be Batwa n'ebisodde ebisangibwa mu bibira by'e Bwindi, Abakaramoja ery'e Kidepo, ekika ky'Abasinga mu Bwindi.

Oyinza okwebuuza nti abantu bano babaddewo batya ebbanga eryo lyonna ne miriraanwa gyabwe egyo?Ng'oggyeko okusojjagana olw'emmere n'ebifo awasulwa, abantu bano baamanyiira embeera eno era basanyufu nti eyo we waabwe. Obuwangwa bwabwe buyambyeko okukuuma ebisolo by'omusiko okugeza, Abatwa bawanuuza nti omuntu bw'aba agenda okuyigga n'asanga ezzike aba akubiddwa ekisiraani era okuyigga akuvaako buvi ku olwo.

N'abasinga mu Bwindi balina enzikiriza yeemu era tebalya mazike.

Ng'oggyeko okusoomoozebwa Uganda kwesanga mu kukuuma n'okukozesa ebyomunsiko n'obulambuzi obulungi, esuubira okwesigama ennyo ku mulimu guno okugaggawaza abatuuze baayo mu kyasa kino eky'enkumi bbiri.



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Omulimu ogwa wamu;

2. Uganda esuubira kukozesa ki okutumbula eby'enfuna bya Bannayuganda omwaka gwa 2040 wegunaatuukira?
3. Nokolayo empenda gavumenti zeetemye okukuuma n'okukozesa ebyomunsiko obulungi nga bwe bimenyeddwa mu kitundu ky'osomye.
4. Lwaki abantu abaliraanye amakuumiro g'ebyomunsiko ba bulabe eri ebisolo byomunsiko?


5. Okusinziira ku kitundu ky'osomye bannansi basobola batya okubeera mu kifo kimu n'ebyomusiiko?
6. Ng'okozesa omutimba gano, n'emikutu gy'okunoonyereza mu ssomero lyo, jjuza olukangaga olukuweereddwa wammanga n'golaga obufo bwe byomunsiko obufundafunda (reserves, sanctuaries and zoos) gye busangibwa mu Uganda

| Erinnya ly'akafo | Gyekasangibwa |
|---|---|
| | |
| | |
| | |



## Ekyokukola 13: Okwogera n'okuwuliriza

1. Nga muli bibinja bya bana bana, mufume olufumo nga mulimu ensolo nga bbiri.
2. Olufumo mulufumire ekibiina kyonna awamu.



## Ekyokukola 14: Okuwandiika

1. Kitwale nga ggwe mukuumi w'ebisolo mu kafo akamu akakuumirwamu ebyomunsiko mu Buganda. Wandiika obubaka obukugira okuyigga okumenya amateeka mu kafo ako.
2. Mu bibinja bya bana bana, mukubaganye ebirowoozo ku mutwe ogugamba nti;
   a) "Lwaki ettaka okuli amakuumiro g'ebyomunsiko terikozesebwa mu bya bulimi?" muwe ensonga mukaaga.
      (i) ______________________________
      (ii) ______________________________
      (iii) ______________________________
      (iv) ______________________________

(v) ______________________________
(vi) ______________________________

b) "Lwaki ettaka okuli amakuumiro g'ebyomunsiko liteekeddwa okukozesebwa mu by'obulimi, eby'obuzimbi, eby'ebibira n'amakolero?" Muwe ensonga taano.

(i) __________________________
(ii) __________________________
(iii) __________________________
(iv) __________________________
(v) __________________________

3. Wandiika emboozi ya bigambo ng'ebikumi bibiri mu ataano (250) ku mutwe ogugamba nti "Okukuuma ebyomunsiko tekitugasiza".

## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula

Ekibiina kyamwe kyakwetaba mu kukubaganya ebirowoozo okutegekeddwa Uganda Wildlife Authority nga bali wamu ne Uganda Tourism Board mu kaweefube w'okukubiriza bannansi okujjumbira okulambula ebifo eby'obulambuzi ebiri mu bitundu byabwe ku mulamwa ogugamba nti,

"Okutumbula ebyobulambuzi eby'esigamye ku nnono kiyinza okuleetera Uganda obugagga obusinga n'obuva mu makolero."

### Ebigobererwa

- Mukolere wamu mu kibinja nga mukola okunoonyereza.
- Mukubaganye ebirowoozo ku bye mujje mu kunoonyereza.
- Mwegabanye buli omu afune by'anaakubaganyako ebirowoozo mu lukuŋŋaana.

**Ebinaakuyambako**

1. Mwebuuze ku basomesa bammuse n'abayizi b'ebibiina ebirala. Mugendeko mu tterekero ly'ebitabo muzuuleyo ku bigambo eby'amagezi ebyayogerwa abaatuusooka ku nsonga yeemu n'emiwendo eginaawagira ensonga zo zibe nga zikkirizikika.
2. Mweyambise omutimbagano munoonye ebintu ebirungi ebiyinza okukolebwa mu mulimo gw'okukuuma ebyomunsiko n'okufuba gavumenti kwekoze.




# Essuula 3 Ebika

**Ebigambo ebikulu**

- Ekika
- Eggwanga
- Omuziro
- Embu z'amannya
- Ebiwanuuzibwa
- Omubala
- Akabbiro

**Ebiruubirirwa**

***Oluvannyuma lw'essuula eno osuubirwa okuba ng'osobola:***

- Okumenya ebika ebisangibwa mu Buganda.
- Okunokolayo ebika n'emiziro gyabo.
- Okutegeera embu z'amannya okuva ku lubu olw'okutaano okutuuka ku lubu olw'ekkumi (5-10).
- Okuwandiika ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo.
- Okunokolayo ebiwanuuzibwa ebiri mu Buganda.
- Okukukuba mu kyapa ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo ng'okozesa kompyuta.

## Ennyanjula

Mu Buganda, buli muntu alina okuba ng'alina ekika mwasibuka oba mwavu, naye olw'okujja kwenzikiriza nensinza empya abantu abamu ebika byabwe babisudde muguluka ne bakulembeza ebyo eby'enzikiriza yaabwe gye bayingiddemu. Wadde ekyo kiri kityo, naye era basigala n'akakwate ku bika byabwe gye basibuka.

Ekiruubirira ky'essuula eno, kwe kukuyamba okutegeera ennono y'ebika, amannya agatuumibwa ebimu ku bika n'emiziro gyabyo.Ojja kuyiga okuwandiika ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo, oyongere okutegeera embu z'amannya okuva ku lw'okutaano okutuuka ku lw'ekkumi, era oyige n'ebiwanuuzibwa

## 3.1: Ennono y'ebika



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu ekikuweereddwa:***

Ebika by'Abaganda bye bibiina by'abantu Abaganda ebyagunjiibwawo edda, ebirimu abantu ab'omusaayi ogw'enda emu n'obujjajja obumu. Abaganda, ekika bakitwala nga kintu kikulu nnyo era abantu ab'ekika ekimu tebasobola kukola bufumbo.

Okusookera ddala, waliwo ebika bitaano (5) kintu bye yajja nabyo mu Buganda ebiyitibwa "binnansagwa." Ebika ebyo bye bino wammanga;

Bino byagenda byeyongerako okutuuka ku bika ataano mu bitaano bye tulina kati.Buli kika kirina obubonero busatu obukyawula ku birala:

- Omuziro (kuno kugenderako akabbiro)
- Amannya
- Omubala

Buli kika mu Buganda kitambulira ku bufuzi bwa mitendera mukaaga nga bwe kiragiddwa wammanga.

1. Owaakasolya
2. Abaamasiga
3. Abeemituba
4. Abennyiriri
5. Empya
6. Ennyumba/Amaka


Ebika bya mugaso nnyo mu Buganda kubanga bireetawo obumu mu Buganda, eky'okulabirako, buli mwaka obwakabaka bwa Buganda butegeka emipiira gy'ebika ekiyamba mu kwongera okugatta abantu.

Buli kika kirina amannya ag'olulango agakyawula ku bika ebirala, wadde nga waliwo amannya agamu agasobola okutuumibwa mu bika ebibiri okugeza; erinnya Nnamirimu lituumibwa ab'ekika ky'ennyonyi n'ekika ky'engabi.Amannya agatuumibwa abawala agasinga gatandika n'ennyingo "Nna".

Ekigambo "muziro" kiva mu kikolwa "okuzira" ekitegeeza okukyawa.Si kyangu kukakasiza ddala engeri emiziro gye gyatandikamu naye buli kika kirina omuziro gwakyo.Abaganda beenyumiriza nnyo mu miziro gyabwe era nga kizira omuntu okulya omuziro gwe.Emiziro egimu gyawulwamu amatabi ag'enjawulo okugeza ennyonyi, waliwo ab'eddira annyonyi Nakinsige, ennyange, nnamuŋoona n'enkusu

Buli kika kirina ebigambo byakyo ebyagunjibwa, ebyogerwa eŋŋoma nga bagikuba mu ngeri eyitibwa "omubala".Ebigambo by'emibala gyonna tebifaanagana, naye nga bigenderera okweraga oba ekika ekimu okulaga nti kye kisinga ekirala. Emibala gino batera okugikuba ku mikola nga egy'okwalula abaana/ abalongo, okwabya olumbe n'emirala.

Baganda are very proud of their totems that some of them don't eat them at all (those that are edible). Some totems have sects for example the Nnyonyi has the Nnyonyi Nakinsige and Nnyonyi Nnyange.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

### Ddamu ebibuuzo bino wammanga:

**Mu bibinja,**

1. Muwandiika amakulu g'ebigambo bino.
   a) Omuziro
   b) Ekika
   c) Omubala
2. Bintu ki ebyawula ekika ekimu okuva ku kirala?
3. Wandiika amannya g'abalenzi ataano (5) n'agabawala ataano (5) okuva mu kika kyo.
4. Eggwanga Buganda lizimbiddwa ku bika bimeka?
5. Mu bibinja by'abayizi basatu basatu;
   a) Mukubaganye ebirowoozo ku miziro n'emibala gyammwe. Byawukana bitya?
6. Weetegereze olukangaga olukuweereddwa era oddemu ebibuuzo ku nkomerero.

| | | |
|---|---|---|
| Ssebyala | Mayega | Nalubega |
| Namuyanja | Nakanwagi | Muyanja |
| Ssemmanda | Lubega | Namuyiga |
| Nabukenya | Namugaanyi | Nannyonjo |
| Namuyiga | Ssemboozi | |
| Ssemuganyi | Nannyombi | |
| Ssennyonjo | Muyomba | |
| Namatovu | Ssebulime | |
| Sseguya | Muwonge | |
| Namatovu | Kyeyune | |
| Sseguya | Kasozi | |
| Nabulime | Nabbona | |

| | | |
|---|---|---|
| Nabukeera | Nabukeera | |
| Sseŋŋonzi | Nakacwa | |
| Ssaka | Nannyonga | |
| Namuyomba | | |

a) Nga mukola babiri babiri;
   (i) Mutegeke amannya agabaweereddwa nga misinziira ku bika
   (ii) Mwawule amannya g'abalenzi okuva ku g'abawala.
   (iii) Olowooza kiki ekyawukanya amannya g'abaawala okuva ku g'abalenzi, ng'osinziira ku ago agakuweereddwa ku lukangaga

## 3.2: Embu z'amannya

Mu ssomo eriwedde (Eby'obulambuzi obw'ekitundu) mwasoma ku mbu z'amannya olusooka okutuuka ku lw'okuna (1-4). Mu ssuula eno ojja kuyiga ebikwata ku mbu z'amannya olw'okutaano okutuuka ku lwekkumi (5-10).
Jjukira nti, embu z'amannya ziraga engeri amannya gye gategekebwamu nga gasinziira ku kye gaba gategeeza. Entegeka eno terina kukyusibwa. Embu z'amannya ziri abiri mu ssatu (23).

Embu z'amannya ttaano okutuuka ku kkumi (5-10) ze zino wammanga:

5 LI 6 MA 7 KI 8 BI 9 N 10 N



**Ekyokukola 1: Okusoma**

***Soma ekitundu ekikuweereddwa wammanga:***

### Nneenyumiriza mu muziro gwange

Obuvo bw'omuntu, eggwanga lye n'ekika, bye bifuula omuntu okuba ki kyali mu mbeera ey'obuwangwa n'ennono.

Buli ggwanga lirina obuvo bwalyo, abantu bonna mwe bava, obwo bwe bulyawula ku mawanga amalala.Kyokka amannya, emiziro (muno mugenderamu n'akabbiro) n'emibala bye bintu ebizimbirwako ekika.

Buli kika kirina okuba n'omuziro, ku muziro guno kwogatta akabbiro.Mu bika by'Abaganda mulimu ensolo, ebinyonyi, ebiwuka wamu n'emmere.

**Eby'okulabirako:** ekika ky'enseenene, ekika ky'engabi, ekika ky'embwa, ekika ky'ekkobe, ekika ky'ente n'ebika ebirala

Nze n'eddira nseenene naye sigirya era sigikombako, wadde nga njagala nyo naye nkimanyi bulungi nti kiirira omuntu okulya omuziro gwe.

Ensibuko y'emiziro temanyiddwa naye Abaganda b'edda, abaatandika ebika, kigambibwa nti ebintu bye baalyanga ne bibakola bubi oba ne bibalwaza, baalekerangaawo okubirya era ne babyewalira ddala.Muno mwe bajja ebyo bye baafuula emizizo gyabwe. Omuntu yayinzanga okulya ekikajjo, eryenvu, enkoko, ennyama y'omusu oba ekintu kyonna ne kimukola bubi, olwo teyaddangamu kukirya!

Yayinzanga okufuna ebirogologo n'asiiyibwa omubiri n'aba ng'alumiddwa ekiku, oba enjuki oba ayokeddwa ekisaanyi. .



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Ddamu ebibuuzo ebikwata ku kitundu ekyo waggulu

1. Nga bakola babiri babiri,
   a) Koppolola amannya gonna agakubiddwako omusittale.
   b) Amannya ago mu (a) gateeke mu mbu zaago.
   c) Njawulo ki eri wakati w'embu 5 LI, 7 KI, 9 N n'embu 6 MA, 8 BI, 10 N?
2. Nga mukola basatu basatu;
   a) Muwandiike amannya abiri ku mbu z'amannya 5LI okutuuka ku 10N.
3. Amannya agakuweereddwa gateeke mu mbu zaago.

| Erinnya | Olubu |
|---|---|
| Kisero | |
| Kisaanyi | |
| Masasi | |
| Liiso | |
| Nkumbi | |
| Lyato | |
| Bibbo | |
| Kisanirizo | |
| Mannyo | |
| Matana | |
| Bijanjaalo | |
| Mpuuta | |
| Mbaata | |
| Linnyo | |
| Nsuwa | |
| Ngege | |
| Kirevu | |

## 3.3: Ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo



**Ekyokukola 3:** Okusoma

Soma ekitundu kino wammanga:

Abenju ya Mwami Kironde baabukeereza nkokola ku lunaku lwa wangu bonna nga batonnya mmooli ne boolekera oluguudo lwe Mukono. Baagenda ku kijaguzo ky'okuweza emyaka amakumi abiri mwetaano mu bufumbo.Mukwano gwe Kalega Samson ye yemuwa ebbaluwa emuyita ku mukolo ogwo.

Okuyitibwa ku mukolo kuyinza okuba okwa kaadi, ebbaluwa oba okwogera obwogezi.Naye bwe kubeera ok'ebbaluwa, waliwo ebintu ebitalina kusuulibwa muguluka ku bbaluwa eno, okugeza; endagiriro y'omuwandiisi, ennaku z'omwezi (ebbaluwa lw'ewandiikiddwa wamu n'ezo omukolo lwe gugenda okubeerawo), ekifo, ensonga ekuyisizza n'ebirala. Egimu ku mikolo egyetaaga okuyitibwa n'ebbaluwa gye gino .

- Embaga
- Enkiiko
- Ebijaguzo
- Ennyimbe n'emirala



## Ekyokukola 2: Okusoma

***Weetegereze ebbaluwa eno wammanga.***

BUTOZI MEDICAL
CENTRE
AKP 4938
MASAKA
23/12/2019

Eri Mukyala Luzze,

<u>Ens. OKUGGULAWO EDDWALIRO</u>

Ku lw'olukiiko olutegeka okuggulawo eddwaliro lya Butozi Health Center, oyitibwa n'essanyu lingi okubeerawo ku kuggulawo eddwaliro lya Butozi health centre ku lw'omukaaga nga 30/12/2019.Tukusaba oyogereko n'abagenyi baffe ku ddwadde y'akafuba.

Abamu ku bagenyi abayitiddwa mwe muli Dr Balwolera akulira eddwaliro lye Kyabakadde. Dr Kalinaki okuva mu ddwaliro lye Mulago, Dr Aliddeki okuva mu ddwaliro lye Kitovu wammu n'omubaka wa palamenti ow'ekitundu kyaffe Hon Edward Ssekandi.

Omukolo gujja kutandiika ku ssaawa ssatu ez'okumankya nga guggulwawo Dr Balwolera akulira eddwaliro lye Kyabakadde mu butongole.Patriko Mukuuko yajja okuba omwogezi w'omukolo ogwo.

Tulina essuubi nti ojja kutweyungako ku mukolo ogwo.

Nze akussaamu ekitiibwa
Ssali Lwanga
Ddamu eri: Kyeswa Henry: 0775442649



## Ekyokukola 3: Okuwandiika

**Ddamu ebibuuzo ebikwata ku bbaluwa eyo waggulu.**

1. Nga mukola babiri babiri;
   a) Mumenye abagenyi abakulu abayitiddwa ku mukolo.
   b) Omukolo ogw'ogeddwako mu bbaluwa gukwata ku ki?
   c) Muwe ensonga enkulu eviiriddeko omugenyi oyo okuyitibwa ku mukolo
   d) Singa omugenyi ayitiddwa tasobodde kubeerawo ku mukolo, muntu ki gwalina okuddamu?
   e) Omukolo gugenda kubeera wa era gutandika ssaawa mmeka?
   f) Mulage ebyetaago by'okuwandiika ebbaluwa eyita omuntu ku mukolo.
2. Mu bibinja;
   a) Wandiikira mukwano gwo ebbaluwa ng'omuyita ku matikkira ga mugandawo.
   b) Mugabane bye muwandiise ne bannamwe.




## Ekyokukola 4: Okukozesa tekinologiya

Nga mukola babiri babiri, muwandiike ebbaluwa eyita bazadde bammwe ku mukolo gw'ebyobuwangwa ogutegekeddwa essomero lyammwe ku ntandikwa y'olusoma olusooka.

## 3.4: Ebiwanuuzibwa

Mu Buganda, okugunjula abaana kutandikira ddala ng'abaana bakyali bato, ggwe ate towulira olugero olugamba nti, akakyama amamera……….. Edda abakulu baateekangawo embeera eyaleeteranga abaana okuyiga era n'okuwa ebintu ekitiibwa. Embeera eno yabeerangako etteeka, ebivaamu singa oba omenye etteeka eryo era n'eky'okuyiga bbo kye beesirikiranga. N'olwensonga eyo, ebiwanuuzibwa ge mateeka ab'edda ge baateerangawo abaana okugoberera, n'obukwakkulizo obwagenderangako. Kino kyayambanga abaana okweyisa obulungi era n'okuwa ebintu ekitiibwa



### Ekyokukola 1: Okwogera n'okuwuliriza

Mu bibinja,

1) Munoonyerezeeyo ebiwanuuzibwa kkumi (10)
   a) Mugabane ne bannamwe mu kibiina ebyo bye mufunye.
   b) Mulage obutuufu bw'ebiwanuuzibwa eri ekibiina
   c) Mulage ekyagendererwanga mu kuteekawo ebiwanuuzibwa.

### Ekyokukola ekiwumbawumba essuula

Omusomesa wo ow'olulimi oluganda akusabye owandiike ebbaluwa eyita omukulembeze wa Nkobazambogo okuva mu ssomero eribaliranye okwogera eri abayizi abakola olulimi oluganda ku mutwe ogugamba nti, " Ensibuko y'ebika by'Abaganda". Wandiika ebbaluwa eyo.



# Essuula 4 Okubanga obugagga obw'ensibo

**Ebigambo ebikulu**

- Obugagga
- Nnakongeza linnya
- Obwavu
- Omuntu awa ekyokulabirako ekirungi
- Ensimbi
- Okutereka
- Amagoba
- Entandikwa
- Ebitontome
- Engero
- Ennyimba

**Obusobozi**

***Oluvannyuma lw'essuula eno, osuubirwa okuba ng'osobola:***

- Okwongera okutegeera ebikwata ku bugagga.
- Okunnyonnyola amakubo eg'enjawulo obugagga mwe buyinza okufunibwa.
- Okunnyonnyola engeri obugagga gye buyinza okukozesebwa obulungi oba obubi.
- Okukozesa nnakongeza linnya ezisaanidde mu kunnyonnyola obugagga.
- Okunokolayo engero, ebitontome, ennyimba, wamu n'ebisoko ebikwata ku kugaggawala n'okwavuwala.
- Okuwuliriza oba okulaba ebikwatiddwa ku butambi ebikwatagana n'okugaggawala.

## Ennyanjula

Essuula eno egendererwamu okukuwa amagezi agasookerwako ku bikwatagana n'okubangawo obugagga obw'ensibo n'okubukozesa obulungi.Ng'oyita mu ssuula eno ojja kuyiga enkozesa ennuŋŋamu eya nnakongeza linnya ng'oyogera ku ngeri ekkirizibwa n'etakkirizibwa mu bikolebwa okubangawo obugagga.Ojja kuzuula emiteeru egiri mu kukozesa obubi obugagga kino kikuyambe okukuuma obulungi obubwo. Oluvannyuma lw'essuula eno, ojja kuzuula amazima ag'enkukunala kubuvunaanyizibwa bwo okubeera mu bulamu obugagga oba okubeera omwavu empongabyoya.

## 4.1: Obugagga



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino:***

Abantu abasinga obungi balowooza nti ssente zokka bwe bugagga naye eno engeri nfunda nnyo mu kulowooza ku bugagga.Obugagga buzingiramu ebintu byonna ebikukwatako okugeza ebyobulamu, okumanya, enkolagana n'abantu, ebintu ebikalu by'olina, ebyensimbi n'ebirala bingi.Noolwekyo, newaakubadde ensimbi nkulu nnyo naye zikolako ekitundu kimu kyokka ekiyitibwa obugagga.

Obugagga mu by'ensimbi bukwatagana n'obusobozi okunyumirwa ebyo by'oyagala mu budde w'obyagalira era n'oyo gw'oyagala naddala mu kusaasaanya ensimbi.

Enkolagana gy'olina n'abantu nayo ngeri ya bugagga. Buli muntu wa mugaso era wa muwendo mu ngeri emu oba endala. N'olw'ensonga eyo, kikulu nnyo era kya mugaso okukwatagana n'abantu abalala.

Embeera y'omubiri gwo ennungi naddala ebikwatagana n'obulamu, nakyo kya bugagga.Omubiri gwo okubeera nga mulamu bulungi, kikulu nnyo kubanga gwe musingi okuzimbirwa obugagga obulala bwonna.Okujjako ng'oli mulamu, toyinza kufuna bugagga bulala bwonna.Y'ensonga lwaki omuntu bw'afa, ebyobugagga bye bisikirwa ne bikozesebwa abo abakyali abalamu.

Tekyewuunyisa nti waliwo engero nnyingi ezikwatagana ku bugagga.Ekyokulabirako, Omuganda agamba nti, ‘Obulamu bwe bugagga’ n’ayongerako nti, ‘Otulo tw’okumakya y’ensibuko y’obwavu’.

Obugagga obw’ebintu ebikalu bwo bukolebwa ebintu eby’omuwendo bye tulina ng’ettaka, ente n’ebintu ebirala ng’ebidduka ebigwa mu ttuluba eryo.

Obugagga buyinza okuba obw’omuntu ssekinnoomu singa buba bubwe yekka, oba obw’eggwanga singa buba bwa nsi yonna.”



Ekyokukola 2: Okwogera n’okuwuliriza

**Mu bibinja,**

1. Mukubaganye ebirowoozo ku makulu g’ekigambo bugagga.
2. Nga mukozesa ebyokulabirako munokoleyo ebika by’obugagga eby’enjawulo.
3. Munnyonnyole enjawulo eriwo wakati ‘w’ensimbi’ ‘n’obugagga.’

## 4.2: Okubangawo obugagga obw’ensibo

Fenna tuyaayaanira okubeeramu bulamu obulungi era n’okufuuka abasajja n’abakazi abawanguzi.Obulamu obwo bwetaaga kubeera n’ebyobugagga ebiwera.Mu mbeera eya bulijjo obugagga tebufunirwa ku kakeeka oba okujja mu kiro ekimu naye bukuŋŋaanyizibwa mpola mpola.



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino:***


### Mukasa omugagga omuto

Erinnya lyange nze Mukasa Benidicto.Nazaalibwa mu maka amafunampola omuli abakazi abangi naye naye ng’obwavu butukooza kagiri.

Kitange yali mukomazi ssaako n'okuluka emigwa mu bugoogwa. Ebyo bye yatundanga mu katale n'afunamu obusimbi nga kye bwamusobozesa okukola kyokka kwe kutuweererako akatono. Bwe nnamalirirza pulayimale, kitange yali tasobola kumpeerera ekyo ne kinviirako okuwanduka mu ssomero omwaka ogwo.

Mu mwaka ogwo nnasalawo okunoonya ensimbi nga nkola emirimu egya lejjalejja ku ssamba ya Mwami Katongole eyali omulimi omututumufu ennyo mu kitundu.


Nga ndi ku ssamba eyo, naweebwanga kkatala, z'emmimbi ez'enjawulo nga bansasula ssiringi bitaano buli yaadi ekkumi n'ebbiri zennalimanga.Omwaka bwe gwaggweerako nnali nsobodde okutereka ensimbi ensaamusaamu ezansobozesa okweyongerayo okusoma ssiniya.Nga mpita mu buzibu bw'ebyensimbi obuyitirivu nnasobola, okutuula ssiniya eyookuna.Okusobola okufuna ebisale by'essomero ebyo, nnapakasanga mu ggandaalo ly'Olwomukaaga ne Ssande ssaako ne mu mpummula.Embeera eno gye nnayitamu okutuuka bwe nnamalako ssiniya.Mu luwummula olwo nga mmaze ebibuuzo eby'akamalirizo, nnakozesa ensimbi zennafissa ku bisale by'essomero okugula ensingo z'ennyaanya ze nnasimba mu kibanja ky'awaka.



Mu kiseera ky'amakungula, nnazitunda ne nfuna amagoba amalungi ddala.Ensimbi ze nnafunamu nazikozesa okugula ensigo z'ennyaanya endala era n'ensimba n'ennaanansi mu kiseera ky'okusiga ekyaddako.Ennaanansi bwe zaakula, nnatandika okuzitundira ku kigaali.



Ensimbi ze nnafuna mu mu nnyaanya n'ennaanansi zaali zikubisa mu ze nnassaamu emirundi mingi ddala.Nnayongera okugaziya omulimu gwange era ne ntandika okupangisa abantu okunkolerako. Bye nnakungulanga byawerera ddala olwo ne ntandika okubisaabazanga ne mbitunda mu butale obunene e Kampala.



Ensimbi ze nnafunangamu zaagenda zeeyongerako okutuusa lwe nnagula loole yange eyasooka era mu bbanga lya myaka esatu, nnali mmaze okugula loole endala bbiri ezaasaabazanga ebyamaguzi byange okubitala mu mawanga ag'omuliraano omuli Sudan ey'omu maserengeta ne Congo.

Amagoba mu bintu bino byonna gansobozesezza okugula ettaka eriwerako kwe nzimbye ebizimbe bingi ebipangisibwa ssaako n'ekkolero ly'omubisi oguva mu bibala.Mmanyi nti bangi ku mmwe kati munneegomba naye okutuuka wano we ndi kivudde mu kwewaayo n'okukola obutaweera.



Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza


1. Ggwe nga ssekinnoomu kiki ky'otwala ng'ekyobugagga ekikyo ku bubwo ky'olina mu bulamu bwo?
2. Tottolera banno abali mu bibinja engeri gye wafunamu ekyobugagga ekyo.

## Engeri y'okufunamu obugagga

Buli muntu ali ku nsi alina ebyobugagga. Ekyawukana kyokka gwe mutindo n'obungi bwabyo.Enjawulo eno ewaliriza bangi okubiwenja obuseenene.Abantu abamu nga balafuubana okufuna ebyobugagga, bakozesa amakubo amalambulukufu kyokka abalala bayita mu makyamu.Tusaanye okujjukira nti obulamu bwo bwennyini bwe bugagga obusookerwako.

Amakubo amalambulukufu agayitibwamu okugaggawala gatwaliramu emirimu okugeza ebyobusuubuzi, okulima, okuyiikula ebyobugagga eby'omuttaka, okukuba amatoffaali ssaako n'emirala mingi.

Ku luuyi olulala, waliyo amakubo g'okugaggawala agatali malambulukufu omuli okukuba zaala,obwamalaaya, obukumpanya, obubbi, okulya enguzi, obwa kkondo n'ebirala bingi.



## Ekyokukola 3: Okuwandiika

1. Nga muli mu bibinja byammwe, muwandiike ebikolebwa bye mutwala okuba nga:

   (i) Bikkirizibwa

   (ii) Tebikkirizibwa

   mu kukola obugagga ng'oggyeeko byo ebinokoddwayo waggulu.

2. Londako

   Nga ssekinnoomu, wandiika ku muntu omwavu lunkupe gw'omanyi era owensonga lwaki tomwegomba.

   Oba

   Ng'okozesa olupapula lumu, wandiika ku muntu omu omugagga gw'omanyi era wa ensonga lwaki omwegomba.



## Ekyokukola 4: Okusoma n'okuwandiika

1. Soma omuko gwa Pakasa ogufulumira mu lupapula lwa New Vision wekkaanye emboozi y'omuntu ayogeddwako ogitegeere bulungi
2. Biki by'oyiga okuva mu mboozi y'omuntu oyo?

## 4.3: Nnakongeza linnya

Bwe tubeera nga tunyumya ne bannaffe, kikulu nnyo okunnyonnyola obulungi ensonga gye twogerako tusobole okutegeerekeka obulungi. Ebigambo bye tukozesa okuttottola oba okwongera okuwa amakulu amannya oba ekintu kyonna kye twogerako, bye biyitibwa nnakongeza linnya.



## Ekyokukola **2:** Okusoma

***Soma ekitundu kino:***

Emma ye yali mukwano gwange nfiira bulago naye ate nga mwavu nnyo nnyini ddala.Emyaka gyawerako nga tuli mu bwavu obuzibu ne tutuuka okubwetamwa. Twali tetulina ssente naye twasalawo okutandikawo akalimu akatonotonoto akateetaaga ntandikwa nnene.Twatandika na kusiika kabalagala n'okumutunda. Twakaluubirirwa nnyo okufuna akatale kubanga kabalagala waffe teyaliwa mulembe. Twatandika n'abaguzi batono ddala ne tufuna okufiirizibwa okunene ennyo bo abagagga kwe bayinza okulaba ng'okutono.

Embeera yaffe ey'ensimbi yeeyongera okufeeba okumala akabanga ne tulowooza n'okubivaamu. Mu kiseera ekyo twakendeeza kubungi bwa kabalagala naye nga muwoomu, mugonvu okusinga oyo eyali atundibwa mu maduuka amagundiivu agaali gatuliraanye.

Mu ngeri y'okusendasenda abaguzi, twasalawo okuwa ennyongeza abo abaagulanga mu bungi.Mu kaseera katono twatandika okuvuganya n'amaduuka amanene.



Amagoba ge twafuna twagenda tugongeramu era ne twongera okutereka akatono ke twafissanga mu kittavvu eky'ekyuma kye twakola mu kikebe ekikalu ekyali ekikadde. Ekikebe kyali kinene ddala era twasalawo okusuulangamu ebinusu buli lunaku okutuusa lwe twaweza ensimbi ennyingi ddala. Oluvannyuma twaggulawo ekirabo ky'emmere mu kifo bbaasi we zituukira era abantu we babeeranga okukeesa obudde.

Obumpwankimpwanki abaguzi bye baasinganga okwettanira ye ssumbusa ow'Ekifirika ssaako ne chapatti Enfalansa.

Zo loolekisi zaffe ze zaali zisinga obuwoomu mu kibuga kyonna era nga zisikiriza abaguzi bangi.Twakifuula kikulu nnyo okubudaabuda abaguzi baffe ekyo ne kifuula ekirabo kyaffe ekifo ekisinga obulungi awaliirwa emmere mu kibuga.




Mu kiseera ekyo, twatandika okufumba emmere ku mikolo era ne tugula n'emmotoka ennene eyatutambuzanga mu bifo awaabeeranga emikolo egy'enjawulo. Emikolo gino okusinga gyalinga gya mbaga, kwanjula, matikkira n'okuziika. Twavanga wano nga tudda wali anti olwo nga tulina oluseregende lw'emikolo okutuuka ku ssa ery'okuba ng'emyezi egiwera buli ggandaalo lya wiiki tulinako emikolo. Mu kiseera ekyo twawandiisa bizinensi yaffe nga kkampuni eyeetongodde era nga tukozesa abakozi bangi ddala: abakulu n'abato, abaasoma n'abataasoma n'abalala bangi kasita baabeeranga nga bakola ekyo kye tubasuubiramu.

Amagoba gaffe geeyongera okuva mu nkumi okutuuka mu bukadde.

We twogerera ffe bannannyini wooteeri entutumufu ennyo eyitibwa Basooka kwavula esangibwa ku luguudo lw'e Masaka. Wooteeri eno ya mulembe nnyo era kati ffe basajja bannaggagg aboomu kitundu so nga ffe twali abaavu lucoolo ku muliraano awo.



Ensangi zino tutegeka emisomo egy'enjawulo mwe tubuulirira era n'okuzzaamu amaanyi abavubuka abaagala okugaggawala nga tubakubiriza okukola ennyo, okukola emirimu gyabwe n'obwegendereza era n'okubeera n'ebirooto ebinene. Tubategeeza nti mu nsi ya bizinensi, gy'okoma okusiga ensimbi gy'okoma okufuna amagoba era nti omwangu yatta enswa.



## Ekyokukola 3: Okuwandiika

1. Mu kitundu ekyo waggulu londobamu nnakongeza linnya 20 era oziwandiike mu lukalala.

## 4.4: Enkozesa y'obugagga ennungi n'embi

Obugagga buyinza okubeera omukisa oba ekikolimo nga kino kisinziira ku ngeri gy'obukwatamu oba gy'obukozesa. Obugagga bw'obukozesa obulungi, oyongera kugaggawala na kubeera bulungi naye ate bw'otabukwata bulungi oyongera kwavuwala na kubeera bubi.



Ekyokukola 19: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

### Eyali binojjo afuuka lunkupe


Ng'omuyuzi eyali yaakatikkiriwa, Walusansa yalina ebiruubirirwa bingi era ng'amaliridde okuyitimuka mu bulamu. Yafuna digguli mu mbeera z'abantu era eky'omukisa nga wayise emyezi mibale, yafuna omulimu gw'ekirooto kye ogw'okukwataganya ensonga z'abakozi mu kitongole ekiruŋŋamya abakozi mu ggwanga. Yafunanga omusaala mulungi ddala era ng'omuvubuka embulakalevu atannawasa era amanyi ky'ayagala, yettanira nnyo okutereka okusinga ensimbi okuzisaasaanya.Yayagala nnyo omulimu gwe era ng'aguwa obudde.Buli lunaku ye yasookanga okutuuka ku mulimu era nga y'asemba okuvaawo. Kino kyamuleetera okuganja ewa mukama we era oluvannyuma lw'omwaka gumu, yakuzibwa n'afuuka omukwataganya w'ensonga z'abakozi ow'okuntikko era n'omusaala gwe ne bagwongeza bw'atyo ne yeeyongera okukola obulungi.



Mu myaka etaano yali amaze okugula ettaka n'okwezimbira ennyumba ey'amaka. Waayita ebbanga ttono n'awasa omukazi w'ekirooto kye – Makula.

Makula yali mukazi mulungi kaalaala era bombi ne batandika amaka gaabwe mu mukwano omuyitirivu.

Makula naye yali yasoma nga yafuna ddiguli mu by'obulambuzi naye nga tannafuna mulimu.Walusansa teyalwa n'amuggulirawo edduuka eritunda engoye z'abakyala. Edduuka lyasikirizanga abaguzi bangi olwokuba lyali lijjudde engoye ate nga liri mu kifo kirungi. Omwaka ogusooka we gwaggweerako nga bamaze okugula emmotoka bbiri; emu ya Walusansa endala ya Makula.



Mu kiseera ekyo, Walusansa yayagala bazaale omwana waabwe omubereberye mu bufumbo naye Makula n'agaana ng'awoza kimu nti talina kimupapya kufuna lubuto kwonoona bulungi bwe n'endabika ye kubanga yali akyayagala okulabika obulungi era ng'asikiriza.Olwo nno yatandika okukozesanga ensimbi z'edduuka agule eby'okwewunda eby'ebbeeyi omuli ppawuda, engatto n'ebiteeteeyi. Yayiwaayiwa nnyo ensimbi okutuuka ku ssa ery'okwambala ekiteeteeyi ekipya buli lunaku. Waalingawo n'engoye ze yayambalangamu omulundi ogumu gwokka n'azigabira mikwano gye n'eŋŋanda.Tekyewuunyisa nti edduuka lyatandika okusereba, Walusansa ye ag'anyiikira kulyongeramu nsimbi naye era oluvannyuma lyagwa.

Ekintu ekyo kyanyiiza nnyo Walusansa era ne kireetawo obutakkaanya wakati w'abafumbo bano. Mukyala Nanfuka ssenga wa Makula bwe byamugwa mu kutu, yasitukiramu ng'eyatega ogw'ekyayi.

Teyalwa n'aleetera omuwala eddagala asobole okutaasa amaka.

Eddagala erimu lyali lyakussa mu mmere ya Walusansa ne mu byokunywa bye ate eddala nga lya kussa wansi wa kitanda kyabwe. Olwokuba Victoria yali atya nnyo okufiirwa obufumbo bwe, yagoberera biragiro bya ssenga byonna.

Eddagala bwe yali yakatandika okulikozesa lyalabikanga ng'erinaakola kubanga bba yakkakkanamu okumala ennaku nga ziizo naye oluvannyuma ate yatabuka buto n'asinga ne bwe yali mu kusooka. Obutakkaanya ssaako eddogo mu maka byatabula nnyo Walusansa n'atandika okutuuka ku mulimu ekikeerezi ssaako n'okuvangayo nga bukyali.Kyaddaaki yaweebwa ebbaluwa emulabula.Makula bwe yabitegeera, yayita ssenga we abasalire ku magezi.Mu kiseera ekyo ssenga yabawa ga buwa kugenda ku muganga.Olunaku lwe baasooka okukyala ew'omusawo, yabasaba buwanana bwa nsimbi ze baali batalina ekyo ne kibaleetera okutunda emu ku mmotoka zaabwe okumusasula.Mu kiseera kye kimu Walusansa yatandika okufuna obulwadde bwa ppuleesa eyamukosa ennyo amaaso nga takyalaba bulungi. Akawungeezi akamu bwe yali ng'avuga emmotoka ava ku mulimu, yatomeregana n'emmotoka eyali esimbye ku mabbali g'ekkubo. Eky'omukisa teyafa naye yo emmotoka emu yokka gye baali basigazza, yaggwaawo.Yamala ku kitanda ebbanga ddene nnyo era n'omulimu ne guggwaawo. Mukyala we yanyiikiranga kugenda ku basawo bakinnansi nabo nga bongera kubasaba musimbi ekyabaviirako okutunda ennyumba yaabwe. Baawunzika bazze mu kupangisa buzigo bubiri mwe babeeranga ennaku n'ebakommontera omwo.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

**Okusinziira ku kitundu ekyo waggulu,**

1. Walusansa yafuna atya obugagga bwe?

    a) Kiki ekyatuuka ku bugagga bwa Walusansa?
    b) Ani yabukozesa obubi?

2. Biki by'oyiga mu lugero olwo waggulu?



## Ekyokukola 3: Okwogera n'okuwuliriza

***Nga muli bubinja byammwe:***

1. Mukubaganye ebirowoozo kungeri ey'enjawulo obugagga gye buyinza:

    a) Okukozesebwa obulungi.
    b) Okukozesebwa obubi.

2. Omuyizi omu mu buli kibinja abuulireko ekibiina ebizuuliddwa.



## Ekyokukola 4: **Kuwandiika**

1. Wandiika emboozi eri wakati w'ebigambo 300 ne 500 ku gumu ku mitwe gino wammanga:

    (i) "Ssente temala byonna." Kubaganya ebirowoozo
    (ii) "Omululu gwa ssente y'ensibuko y'obubi bwonna"
    (iii) "Omuntu omugagga ffugge teyeetaaga bantu" Kubaganya ebirowoozo.
    (iv) "Bw'obeera ne ssente byonna obisobola" Kubaganya ebirowoozo .

## 4.5: Litulica Omwogere

Waliwo engeri nnyingi gye tuyinza okukozesa okwogera ku bugagga n'obwavu so nga ne bajajjaffe bali balungi nnyo mu nsonga eno. Bajajjaffe baakozesanga enjogera ey'amagezi naddala engero ensonge, okugeraageranya wamu n'ebisoko. Emirundi mingi bayiiyanga ennyimba n'ebitontome ebikwata ku bugagga ne ku bwavu.

- Omuganda agamba nti "Omuko omwavu akanya kugulu". Amakulu nti omusajja omwavu bw'awasa mu maka amagagga ng'olwo anaafa mirimu anti gwe batuma guno na guli naddala nga ku buko ng'ebaddeyo omukolo kuba teri amuwa kitiibwa.
- Ennyonyi enkeeze y'erya olusiriŋŋanyi olusava
- Otulo tw'okumakya y'ensibuko y'obwavu
- Mwavu ng'emmese y'omu kkanisa n'endala nnyingi



Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

### Nalukwago omukyala omukozi w'emirimu


Nalukwago yali mukazi ŋŋwaŋŋuli eyali akola buli kalimu akamusala mu maaso kyokka nga talina ky'alinamu bumanyirivu. Olw'okwagala okufuna ensimbi, yagezaako bizinensi eziwera omwali okwokya amanda, okwokya enkoko, okukukola mu ssaaluuni,okutunda enva endiirwa, obummonde obuzungu, obuugi, n'emirala mingi. Yakizuula luvannyuma nti abikka ebibiri tabojja anti ng'olwo talina kinene ky'afuna olw'okuba yali talina mulimu gumu kw'assa amaanyige. Kya ddaaki yasalawo okwemalira ku kutunda obuugi.

Olwokuba ennyonyi enkeeze y'erya olusiriŋŋanyi, Nalukwago naye yazuukukanga tebunnalaba n'atandika okutunda obuugi okutuuka ku ssaawa bbiri ez'enkya. Yali mukyala musanyufu nga gy'oli myoki wa gonja, kyokka ng'amanyi etteeka ekkulu mu mirimu ery'obutagattika bizinensi na mukwano.



Abantu bangi beegomba obwangu bwe yalina mu mirimu era nga takolaganira ddala nabasoonooka nga kkovu. Gye buvuddeko, Nalukwago yali akolerera kulya era nga yeeyaguza luggyo ate nga mukodo ekisusse. Jjajjaawe yali yamulabula nti obwavu mpologoma.

Bino byonna bwe yabirowoozangako, amaaso n'agassa ku bigendererwa bye era ne yeewaayo okukola ekisoboka kyonna okusanyusa abaguzi be. Olumu abaguzi baamusaba abaleetere ebinyeebwa ebisiike eby'okunywera ku buugi olwo ekyo ne kimuzibula amaaso n'atandika okubisiikanga buli lunaku ate nga bw'abiwoomya nnyini. Teyaddirira mu nkola ye okutuuka lwe yafuna ejjamba anti ogutateganya.



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Mu bibinja byammwe, munokoleyo era munnyonnyole:
   a) Engero n'ebisoko ebigendera ku bugagga n'obwavu
   b) Okujjako ebyo ebikozeseddwa mu mboozi eyo waggulu, muwandiike enjogera ey'amakulu amakusike ekwatagana ku bugagga n'endala ekwatagana ku bwavu.

## Ennyimba

Ennyimba zirina engeri ennyuvu gye zituusaamu obubaka eri abantu ekira ebintu ebirala byonna.Wano mu Africa tulina ennyimba nnyingi ezituyamba okwagala obugagga n'okukyawa obwavu.



Ekyokukola 1: Okuwuliriza n'okwogera

1. Wuliriza oluyimba luno ku ssimu y'omusomesa wo
2. Bubaka ki bw'ofunamu.



Ekyokukola 2: Okuwuliriza n'okwogera

***Mu bibinja byammwe:***

1. Mugeegeenye oluyimba lwonna lwe mumanyi oba lwe mwali muwuliddeko olukwata obugagga oba ku bwavu.
2. Ng'ovudde ku luyimba lwe muwulidde, muyimbe yo oluyimba olulala lumu lwe mumanyi oba lwe mwali muwuliddeko olukwata ku bugagga.
3. Ng'ojjeeko oluyimba lwe muwulidde waggulu,muyiiyeeyo oluyimba olukwata ku bugagga oba obwavu era muluyimbe .

## Ebitontome

Fenna tunyumirwa ebitontome kubanga emirundi mingibitukwata omubabiro era bibaamu obubaka obw'amakulu nga buli mu bigambo ebigesengekeddwa obulungi,ekyobulabirako:



## Ekyokukola 5: Okwogera n'okuwuliriza

Nga muli mu bibinja muyiiye era mutontome ekitontome ekikwata ku bugagga oba ku bwavu.

### Ekyokukola ekiwumbawumba essuula

Essomero lyo liteekateeka empaka z'omwaka ez'okuyimba, amazina ne katemba nga ez'ennyumba ez'enjawulo.Empaka zino zeesigamiziddwa ku mulamwa, "Okumalawo obwavu mu Uganda".Abazadde n'abantu b'omu kitundu bajja kubeerawo. Ennyumba yo esabiddwa okuyiiyaayo ekitontome..

### Ebiragiro

1. Yiiya ekitontome ekiri ku mulamwa "Okumalawo obwavu mu Uganda"
2. Tontoma ekitontome ekyo waggulu

### Bye weetaaaga

- Noonyereza ku ngeri abantu b'omu kitundu kyo gye balwanyisaamu obwavu. Oyinza okukozesa empapapula z'amawulire oba obitabo ebikwata ku byenfuna.
- Teekaamu empenda ezitemeddwa wamu n'enkola ennambulukufu gavumenti gy'etaddewo okulwanyisa obwavu.



# Essuula 5 Okutegeera obutondebwensi

| Ebigambo ebikulu | Obusobozi |
| --- | --- |
| • Obutondebwensi<br>• Ekirango<br>• Nakalazi / ssenfo<br>• Ebitontome<br>• Ppuloozi<br>• Okutaasa<br>• Ebitontome | ***Oluvannyuma lwe'essuula eno, osuubirwa okuba ng'osobola:***<br>• Okumenya ebintu ebyobutonde ebikola obutondebwensi.<br>• Okunnyonnyola ensonga ezivaako okwonooneka kw'obutondebwensi.<br>• Okumanya ekiyinza okukolebwa okutaasa obutondebwensi okwonooneka.<br>• Okubaga n'okuwandiika ekirango<br>• Okukozesa Nakalazi/ssenfo mu sentensi.<br>• Okuyiiya ebitontome n'okuwandiika ppuloozi ku butondebwensi.<br>• Okunnyonnyola olulimi olweyambisibwa nga twogera ku butondebwensi.<br>• Okukozesa omutimbagano okufunayo ebifaananyi ebiraga / ebinnyonnyola embeera y'obudde. |

## Ennyanjula

Ekigendererwa ky'essuula eno kwe kukuyamba okutegeera olulimi olweyambisibwa nga twogera ku butondebwensi, okuyita mu ssuula eno era ojja kuyiga ku bintu ebimu ebivaako okwonooneka kw'obutondebwensi naye n'ekisinga obukulu ojja kumanya ekiyinza okukolebwa okutaasa obutondebwensi mu kitundu gy'obeera.

## 5.1: Ebintu eby'obutonde ebikola obutondebwensi



**Ekyokukola 1:** Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

### Obutondebwensi

Olunaku lw'eggulo nasazeewo ntambuletambuleko akawungeezi, ekyamazima nabadde ŋŋenda wa munywanyi wange bwe twazirunda Kawooya. Nasanyuse kuba yannyanirizza bulungi era obugenyi nalidde obuwera, naye ekyasinze okunsanyusa ye ngeri gye yateekateeka oluggya lwe.Mu luggya lwa munywanyi wange ono yasimbamu emiti egitakoma kumuwa bisiikiriza mu biseera ng'akasana keememula, naye givaako n'empewo ennungi ey'obulamu.

Emiti gino girina ekintu ekirala ekyannewuunyisizza era nga nnali sikifangako, gikuŋŋaanya ebinyonyi ebyabuli kika nga n'ebimu tebisangikasangika ne bizimba ebisu byabyo okwetooloola wakaawe wonna era bw'otuuka wali owulira amaloboozi g'ebinyonyi ag'abuli ngeri ate nga gonna ganyuma okuwuliriza.

Munywanyi yaŋŋambye ekirala ekikulu ku miti egyo egibeera mu luggya, ate nga nakyo era mbadde sikimanyi, nti emiti egyo gimuyamba nnyo singa enkuba etonnya nga mbi. Nti kibuyaga mu kifo ky'okutuukira ku nnyumba ye agitikkuleko akasolya, akoma ku miti egyo egiri mu luggya.


Twanyumiza nnyo ne mmubuuza ebirungi ebirala mu kusimba emiti n'ategeeza nti emiti ng'egyo gye nnalabye mu luggya lwe singa gisimbibwa mu bungi, okugeza buli muntu mu ggwanga n'asimba emiti egiwera, nti munnange giyamba okuvaako

enkuba okutonnya eggwanga ne liwona okugwirwa ekyeya. Kale olabye!



Munywanyi Kawooya yayongedde n’antegeeza nti ate enkuba eva mu miti ng’egyo bwetonnya teba mbi ate ebeera nnyingi, nti kati ate olwo emigga n’ennyanja nabyo biba bifuna amazzi agawera nabyo ne byongera kukolebwa kw’enkuba.

Enkuba bwe yeeyongera ettaka kwe tulimira nalyo libeera ggimu ebbanga lyonna, olwo nga n’okukozesa ebigimusa ebitali byabutonde kukendeera, abalimi nga balima ebirime ebitaliimu butwa obuva mu kukozesa ebigimusaa ebikolerere n’okufuuyira buli kadde.Kale nayize ebintu bingi era nagenze okuva ewa munywanyi wange nga nkitegedde nti obutondebwensi kye kitegeeza.



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

**Ddamu ebibuuzo bino wamanga okusinziira ku kitundu ekyo:**

1. Okusinziira ku kitundu olowooza ekigambo butondebwansi kitegeeza ki?
2. Nokolayo ebintu ebyobutonde ebikola obutondebwensi nga bwe byogeddwako mu kitundu.
3. Kyusa ekitundu kino wammange okizze mu Luganda.

## 5.2: Ebivaako okwonooneka kw'obutonde bwensi



Ekyokukola 3: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

**Obutamanya kibi nnyo**


Ebitundu by'e Kumi mu buvanjuba bwa Uganda byamanyibwa nnyo olw'okulima lumonde omunene ate awooma. Okumanya ab'eKumi baalima lumonde, n'ebitundu ebirala nga Jinja, Mukono ne wano waffe e Wakiso ekiseera kyatuuka nga lumonde atundibwayo ava Kumi.

Naye ebiseera abiyiseeko emabega awo Kumi yalumbibwa ekyeya ekitaategeerekeka gye kyava era gye byaggwera ng'sbalunzi bafiiriddwa ensolo zaabwe olw'okubulwa amazzi n'omuddo. Abantu abamu ab'endowooza entono baatandika okubityebeka mbu embeera eyo yali evudde ku ddogo.Waliwo n'ebbiina by'agavubuka abakkakkana ku namukadde omu nga limulumiriza mbu y'aloga enkuba obutatonnya mu kitundu kyabwe.

Singa teyali ssentebe w'ekyalo kutaama namukadde ono agavubuka gaali geesomye okumumiza omusu.Eyo nno yali efuuse nkola ku byalo bingi mu Kumi, ng'abavubuka balumbagana buli mukadde abeera ku kyalo buli lwewaagwangawo enjega eyeekuusa ku nkyukakyuka mu butondebwensi.



Naye ekyamazima kiri nti bw'otuuka mu bitundu by'e Kumi ebisinga obungi obutondebwensi bwataataaganyizibwa nnyo olw'abantu batema emiti okwokya Amanda.Mu butuufu otunula n'onyeenya n'omutwe.Loole ezajjanga okutikka lumonde okumutwala mu bitundu ebirala, kati osanga zitisse ndoddo z'amiti n'ansawo z'amanda.



Ekirala ekivuddeko embeteza be bantu abagenda bookya empiira nga bayigga, n'abalala mbu eyo ye nkola gye bakozesa okusambula we baagala okulima. Ebitundu ebyali bijjudde kiragala omwerere nga n'okulengera emitala kizibu, kati buli w'oyimirira osobola okulengera ebifa emitala kubanga tewakyali yadde ensiko eyinza okukutayira.



Ekyewuunyisa nti n'ebisenyi n'entobazi ebyali birimwamu amayuuni kati bisimwamu musenyu nga bagutwala mu bubuga obuliraanye Kumi.Kati omuntu ne yeebuuza nti abantu bagenda kulya ki yadde nga ssente bazifunye okuva mu ebyo byonna byebakola nebivaako okwononeka kw'obutondebwensi?

Abantu abatono abasigazzaawo ku ttaka ettono kwe balimira nalyo terikyaddako mmere kuba balikozesezza nnyo ne liggwamu obugimu bwonna. Ebikolwa eby'engeri eyo bye bivuddeko embeera y'obudde okukyuka e Kumi kubanga obutondebwensi butaataaganyiziddwa nnyo, ate bwe wataabeewo kikolebwa embeera ey'engeri eyo ejja kutuuka ne mu bitundu ebirala.





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Nnyonnyola ebintu ebivaako okwonooneka kw'obutondebwensi okusinziira ku kitundu ky'osomye.
2. Wandiikayo ensonga endala z'olowooza ezivaako okwonooneka kw'obutondebwensi nga tebyogeddwako mu kitundu ky'osomye.



Ekyokukola 3: **Okwogera n'okuwuliriza**

1. Mu bibinja, mumenye ebitundu byemumanyi ng'obutondebwensi bwabyo bw'onoonese.
2. Mulowooza kiki ekivuddeko obutondebwensi okwonooneka mu bitundu bye mumenye waggulu?

## 5.3: Ekiyinza okukolebwa okutaasa obutondebwensi okwonooneka



Ekyokukola 1: **Okwogera n'okuwuliriza**

Soma emboozi eno wammanga ng'abantu babiri boogeraganya, n'oluvannyuma ofuneyo munno mujoogere nga bweri:

**Musoke:** Eh, wasuze otye Kibuule? Okedde wa ku makya gano ng'owambagatanye n'embazzi ko n'emisumeeni?

**Kibuule:** Nasuze bulungi Mw. Musoke. Munnange anti olwebisale by'abaana ebyessomero lubadde.Tomanyi nti omwezi ogujja baddayo okusoma?Kati nzikirira mu kibira ntemeyo ku miti nga giigyo, njokyeyo ku manda mwe naggya ku kasente.

**Musoke:** Kasente ki Kibuule? Ddala ddala tolina ng'eri ndala gy'oyinza kufunamu ssente okusinga okutema emiti? Ah ah, kati bukya otandika kutema miti waakasimbayo emeka ssebo?

**Kibuule:** Kyokka Mw. Musoke naawe! Ekibira kiri ekijjudde emiti kati oyagala emiti nsimbe gyaki? N'egirimu gitulemye okumalamu nti ate tusimba mirala? Tulekeeko naawe!

**Musoke:** Oooh! Kati Sebo bw'oba ogitema tozzaawo bazzukulu bo osuubira balisanga ki? Weeyise ng'omuntu alowooza mwattu.

**Kibuule:** Mw. Musoke onnyonoonera biseera kyendabye, kuba ebbanga lye mmaze wano singa nina emiti gye ntemyewo egiwera. Ndowooza by'oyogera biweddeyo emboozi tugikomye awo?

**Musoke:** Nedda ssebo, ekyo ky'okola ky'onoona butondebwansi. Buli lw'otema omuti n'otozzaawo mulala, ekiseera kijja kutuuka ng'enkuba tekyatonnye. Ate manya anti n'ebintu by'obutonde ebirala ng'ebinyonyi n'enkima tebikyalina we bibeera.

**Kibuule:** Kati laba nno ono! Ebinyonyi n'enkima binkwatirako wa? Binampa ssente eziweerera abaana bange?

**Musoke:** We bituuse ŋŋenda kukunga abantu bonna ku kyalo kuno tulabe nti ebintu byonna by'okolera mu kibira biyimirizibwa, kubanga bijja kutuviiramu obulabe ffenna.

**Kibuule:** Ssebo, ogambye otya? Simanyi mpulidde bubi?Weerabidde nti ekibira kye mwagala okugobako kibira kyange bwoya?Ssebo, ettaka eryo lyonna okuli n'ekibira nalisikira kuva ku kitange.

**Musoke:** Tewali awakana ku kyakusikira ttaka lya kitaawo, naye osaanye omanye nti enjega eneeva mu bintu by'okolera kuttaka eryo tejja kukosa ggwe wekka, wabula ffenna bannaalumanya ne ssaalumanya. Ate mu ngeri y'emu singa okola ebigasa era ffenna tuba tuganyulwa.N'olwekyo weekube mu kifuba komya okulimira mu lutobazi, yadde ng'omuceere gutuwoomera gw'obadde olimirayo.

| | |
|---|---|
| | Ate n'eri ku lukalu gy'olimira, laba nti tolimira ku ttaka lyerimu kumala bbanga ggwanvu, obugimu buliggwaamu. Bw'onookyusaamu tojja kwejjusa. |
| **Kibuule:** | Awo nno olina ensonga Mw. Musoke; kati olinayo ku ndokwa z'emiti ntwale nsimbeyo? Ekyamazima by'oŋŋambye birimu eggumba. |
| **Musoke:** | Kankebere ndabe oba nasigazaawo ku ndokwa aba NAADS ze baatuwaako jjuuzi. |



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Nga mukola bana bana muwandiike ebintu ebiyinza okukolebwa okutaasa obutondebwensi ebyogeddwako mu mboozi eyo waggula
2. Muleeteeyo ebintu ebirala ebiyinza okukolebwa okumalawo okwonooneka kw'obutondebwensi.



## Ekyokukola 3: Okwogera n'okuwuliriza

***Okwogera kuno wammange kuzannyibwemu akazanyo:***

Ssebo omukulu w'essomero, omumyuka wo, omukulu w'ebyemsoma, abasomesa, abakulembeze b'abayizi, abayizi, bassebo ne bannyabo, mbalamusiizza buli omu mu kiti kye.

Amannya nze Kyeyune Mwambala era nga nze mukulembeze w'abayizi avunaanyizibwa ku by'obulamu mu ssomero lino. Ensonga ennyimirizza mu maaso gammwe leero kwe kubasomesa ku ngeri gye tuyinza okwewala okumansamansa kasasiro mu ssomero. Basomesa, wamu ne bayizi bannange, mukkirize oba mugaane naye embeera mbi.

Ssebo omukulu w'essomero nzikiriza nkuloopere bayizi bannaffe abasula mu kisulo ekiri okumpi n'omwala be bayizi abasoma ssiniya eyookubiri. Ssebo abayizi bo bano kye bakola buli kasasiro yenna ava mu kisulo kyabwe baasalawo kumuyiwanga mu mwala ogwo ogubaliraanye.

Bwotuuka ku mwala guli weewuunya bannange. Gujjudde obucupa bw'amazzi, obuveera, obucupa bwa soda, ekyewuunyisa ate nga kikwasa n'ennaku, n'abawala ebiwero bye bamaze okukozesa nga bali mu nsonga zaabwe nabyo babisuula omwo! Kati omwala guzibikide, era enkuba ennyingi eyatonnya jjuuzi yagenda okukya ng'amazzi ganjadde wonna okulinaana ekisulo ekyo.N'olwekyobannange enkola eyo esaana kukomezebwa mbagirawo.

Kasasiro yenna mu ssomero alina ekifo w'akuŋŋaanyizibwa era tumanyiiwo, tumutwalenga eyo.

Ekirala ssebo omukulu w'essomero, bayizi bannaffe abamu tebamanyi kukozesa kaabuyonjo. Otuuka mu kaabuyonjo n'ekusobera, oluusi n'ekyakututteyo ne kikuggwaako anti nga ne w'olinnya tolabawo. Ekivudde mu ekyo be bayizi abatasobola kukozesa baabuyonjo ez'engeri eyo, okutandika okweyambira mu buveera, bwe bamala ne babukasuka mu nsiko, era kati ensiko etwetoolodde yonna ejjudde empitambi Mbasaba bannange tufube tuyonje kaabuyonjo zaffe, ate ze tuba tukozesa okweyamba tuve mu kukozesa obuveera.

Ol'wbudde bassebo ne bannyabo nsaba munzikirize nkome awo, newankubadde ebyowogerako mbadde nkyalina. Mbaagaliza olunaku olulungi, Mukama Katonda abakuume.

Ssabasajja Kabaka awangaale.



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Ddamu ebibuuzo bino wammanga;

3. Omuwandiisi agenderera ki mu kwogerakwe?
4. Nga weeyambisa ekyokulabirako ky'kwogera okwo waggulu, naawe wandiika okwogera kw'onoowa ng'oyogerako eri abayizi b'ekibiina kyo ng'obayigiriza ku ng'eri y'okukuumamu obutondebwensi.

## 5.4: Okuwandiika ekirango



### Ekyokukola 1: Okusoma

***Ng'oli ne bayizi banno mwekenneenye ekirango kino wammanga:***


### Ekirango eri abantu bonna

Omukulu atwala eby'obutondebwensi ku diisitulikiti y'e Mpigi ng'akolaganira wamu n'ekitongole ekivunaanyizibwa ku butondebwensi mu ggwanga (National Environmental Management Authority- NEMA) ategeeza abatuuze b'e Mpami n'ebyalo ebirinaanyeewo nti mujja kuba n'olukiiko n'abakulu okuva ku diisitulikiti n'abekitongole kya NEMA ku kitebe ky'essaza Mawokota e Butoolo. Olukiiko lwa kutuula mu mwezi gwa Ntenvu ng'ennaku z'omwezi nnya omwaka 2020, ku ssaawa 4:00 ez'enkya. Omulamwa gw'olukiiko kwe kulaba engeri obutondebwensi gye buyinza okutaasibwamu. Bassentebe b'ebyalo mukubirizibwa okukunga abantu bajje mu lukiiko luno.

Birangiddwa,

Namulindwa Pawulina

Atwala eby'obutondebwensi ku diisitulikiti e Mpigi



### Ekyokukola 1: Okuwandiika

1. Wandiika ebintu ebikulu ebitalina kubula mu kirango nga weesigama ku kirango ky'osomye.
2. Ng'okola ne munno mubage era muwandiike ekirango ekinaalabikira mu lumu ku mpapula z'amawulire nga muyita abantu mu lukiiko okubabuulira ku kabi akali mu kwonoona obutondebwensi.



Ekyokukola 2: **Ok**wogera n'okuwuliriza

Ekirango kye muwandiise mu ky'okukola 02 waggulu mukisomere bannammwe nga bwe bawuliriza, n'oluvannyuma mukubaganye ebirowoozo ku kirango ekisinze okuggyayo obulungi obubaka.

## 5.5: Nakalazi / Ssenfo

Mu siniya eyookubiri wayiga ku mbu z'ebigambo nga; amannya, nakasigirwa, ebikolwa ne nakongezakikolwa. Ku mulundi guno katutunuulire olubu lw'ebigambo olulala, nga ye nakalazi oba ssenfo.

Mu Luganda obugambo obwo ye, ku mu, ne wa era bwe tuba tubukozesa mu sentensi tubwawula ku bigambo ebirala ne buba nga bwetengeredde. Okugeza;

Obugambo obwo buyitibwa nakalazi oba ssenfo lwansonga nti butulaga ekifo ekiba ky'ogerwako mu sentensi.



Ekyokukola 1: **Ok**usoma

***Soma ekitundu kino wammanga, n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku kyo.***

Nga nnya omwezi gwa Gatonnya mu mwaka gwa 2020, enkuba bikokyo yatonnya e Kyaddondo ne mu bitundu ebirala ebirinaanyeewo emyala mu Kampala ne gijjula ne gibooga olw'amazzi okubulwa ekkubo erigatwalamu ntobazi ne mu migga.

Emyala egyandibadde gitambuza amazzi e Kampala abantu baagijjuza kasasiro owabuli kika, omuli obuveera, obucupa bw'amazzi n'obwasooda, n'olwekyo enkuba bwetonnya amazzi gaba tegalina we galaga n'ekivaamu mataba.

Mu biseera by'enkuba enguudo mu bitundu nga Namasuba, Zzana, Kyambo n'ewalala ziba teziyitikamu.Ekitongole kya Kampala capital city authority (KCCA) kyali kisuubizza okumalawo embeera eno mu Ntenvu w'omwaka 2019 naye kirabika nakyo embeera yakiremerera.

Abantu embeera eno b'esinga okukosa bwe bakunyumiza bye bayitamu tolema kubasaasira. Bangi kubantu bano bagamba nti enkuba bwetonnya emitima gibaba ku mitwe ng'eyabuulira o'wolugambo, anti ebintu mu mayumba gaabwe biba bigenda kwonooneka. Waliwo eyaŋŋamba nti yalina ebitabo bye nga yabissa wansi wa kitanda naye amataba bwe gajja teyasigaza yadde ekimu.



## Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Ng'okola ne banno mukubaganye ebirowoozo ku kiyinza okukolebwa okutereeza embeera ebeera mu Kampala ng'enkuba etonnye.



## Ekyokukola **3:** **Okusoma n'okuwandiika**

***Jjuza nakalazi / ssenfo ezituukira mu mabanga agalekeddwa mu sentensi zino wammanga.***

a) Baana mmwe mulekere awo okusuulasuula kasasiro ……………. Luggya.

b) Abantu abalambuddeko ………….. Buddu beewuunya engeri abaayo gye bakuumye obutondebwensi.

c) Ffe wano tetutereka kintu kyonna wansi …………… kitanda kuba essaawa yonna amazzi ganjaala ne gayingira …………… mayumba gaffe.

d) Bw'oba olimira ………………. Ntobazi okola bubi nnyo kuba obutondebwensi obwonoona.

e) Waggulu ………… buli mumanyi eriyo ate omumanyi asinga..

## 5.6: Ebitontome ne ppuloozi



Ekyokukola 1: Okusoma n'okuwuliriza

***Omu asome ekitontome kino wammanga, ng'abalala bawuliriza:***

### Oyo ye nnyaffe

Nze atamanyi bukulu bwa maama mmwewuunya, atamanyi mugaso gwa maama ddala yeewuunyisa.

*Maama ng'atufaako bannange,*
*N'atuliisa n'abikka,*
*N'atuyonja n'akuuma*
*N'atunoonyeza kye tunaalya*
*N'atutaasa ebyobulabe*

*Kyokka atamanyi bukulu bwa maama,*
*Ye amujolonga n'atamanya,*
*Nti maama oyo n'amala avaawo*
*Naye obulamu bwe bukyuka nnyo*
*N'ajulirira akomewo*
*Naye nga tekikyasoboka.*

*Olwo nno ne kifaananako,*
*N'oyo ajolonga obutondebwensi ye,*
*Ng'ayokya Amanda*
*N'okulima mu ntobazi,*
*Ssaako ottema emiti,*
*Ate n'atasimba mito*
*Waliwo ne bannaffe*
*Bo nga booki na mpiira*
*Oba baba banoonya ki?*

*Bwe bava awo ne beebuuza,*
*Mbu "Oba bannange amataba*
*gatulumbira ki?*
*Obatunuulira ne weewuunya*
*Ndowooza yaabwe eyo*
*Gye tulaza!*

*Kaakati nze nno kye nteesa,*

*Komya ejjoogo*
*Gwe abadde yeewulinkiriza*
*Nnyaffe butondebwansi*
*Tumuwe ekitiibwa kye*
*Kitutaase okwejjusa olulala.*



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Ng'okola ne munno muddeemu ebibuuzo bino:

a) Omutontomi "Nnyaffe" gw'ayogerako mu kitontome y'ani?
b) Nnyaffe" oyo gw'oyogeddeko mu (a) waggulu, abantu bamujooga batya?
c) Munnyonnyole ku ngeri ejjoogo erikolebwa ku "Nnaffe" gye liyinza okukomezebwa.
d) Ekitontome kyawukanye kitya ku biwandiiko ebirala bye muzze musomako?



## Ekyokukola 3: Okusoma

***Soma ekitundu kino wammanga:***

### Enkyukakyuka gy'oyagala esookera ku ggwe

Abantu bangi boogedde ku bizibu ebivaako obutondebwensi okwonooneka era ekyamazima bangi babimanyi bulungi. Otuuka mu kitundu obutondebwensi gye bw'onooneddwa abaayo ne batandika okukubuulira nga bwe boogeddeko n'omusajja gundi oba gundi akomye okulimira mu ntobazi naye n'agaan, ne bakubuulira bwe bakubirizza abavubuka okukomya okutema emiti nga bagyokyamu amanda, nti naye beewulinkiriza n'emboozi ezifaananako bwezityo nnyingi.

Kyokka ekibuuzo ne kisigalawo nti, abantu bwe baba nga bino byonna babimanyi, obutondebwensi ne bubanga bukyatyoboolwa?

Ekyokuddamu eri ekibuuzo ekyo, ggwe asoma bino ggwe okirina, era singa osalawo nti kye kiseera kiddibwemu, n'akataayi tekajja kusala ng'obutondebwensi bumaze okutaasibwa. Nkulaba kati otandise okunnewuunya engeri gye "nkusibako amatu g'embuzi nkuliise engo." Naye ekituufu kyekyo, ggwe olina ekyokuddamu ekisibye byonna, lwaki? Tugende mpola.

Simanyi myaka gy'oina naye kankubuuze, bukya omanya bukulu bwa bulungibwansi, waakasimbayo emiti emeka?Kae ekyo kinene, naye mirundi emeka gye bakusibidde ebintu mu kaveera n'ogogenze ku dduuka n'ogaana akaveera?Kale n'awo tolina kyakukola, ebintu by'oba oguze bingi era tolina w'akubitwalira, akaveera olina okukatwala eka, naye mirundi emeka gy'okuŋŋanyiiza obuveera obuli ewammwe n'obwokya?

Tewali nsonga lwaki onenya abalala ng'olutalo olutono ennyo bwe lutyo lukulemye okulwana.Singa okola waakiri kimu ku bintu ebitonotono bwe bityo, obutondebwensi bujja kutaasibwa. Nze kye nvudde nkugamba nti ekyukakyuka gy'onoonya erina kutandikira ku ggwe.



## Ekyokukola 4: Okuwandiika

1. Ng'okola ne banno muddeemu bino;.
   a) Nnyonnyola obubaka omuwandiisi bw'atutusaako okuyita mu kitundu ekyo waggulu.
   b) Omuwandiisi lwaki ekitundu yakiwa omutwe ogwo?
   c) Bw'omaze okusoma ekitundu owulidde otya?

## 5.7: Olulimi olweyambisibwa nga twogera ku butondebwensi



### Ekyokukola 1: Okuwandiika

***Ng'okola ne munno muwandiike emboozi ya ppalagulaafu ssatu, mugyesigamye ku bigambo bino wammanga:***

- Entobazi
- Enkwata y'a kasasiro esaanye
- Okukulugguka kw'ettaka
- Okutaasa obutonde bw'ensi
- Ebibira
- Emiti
- Obutondebwensi
- Okuzzaawo ebibira



### Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Ng'okola ne banno, muyiiyeeyo ekitontome nga kyogera ku bibi ebiva mu kwonoona obutondebwensi, n'oluvannyuma mukisomere bannammwe



## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula

Wategekeddwawo empaka z'okuwandiika emboozi ku mutwe ogugamba nti,

"OKUKUUMA OBUTONDEBWENSI KULIMU EBIRUNGI NJOLO"

Wandiika emboozi ya bigambo 250-300 gy'onooweereza okwetaba mu mpaka .

### Ebyokugoberera

(i) Munoonyereze ku birungi ebiri mu kukuuma obutondebwensi

(ii) Bye mufunye mu kunoonyereza kwammwe buli omu mubikubaganyeeko ebirowoozo

(iii) Mwejjukanye ku ngeri y'okuwandiika emboozi ennyuvu.

### Ebinaabayamba

1. Ebitabo ebikwata ku butondebwensi
2. Abantu abamanyi ku bikwata ku butondebwensi
3. Omutimbagano n'empapula z'amawulire.



# Essuula 6. Amazzi

| Ebigambo ebikulu | Obusobozi |
| --- | --- |
| • Okufunza<br>• Okukyusa<br>• Endwadde<br>• Okutereka / okukuuma<br>• Ebitonde<br>• Nakongezalinnya<br>• Ebikolwa<br>• Ensibuko<br>• Emigaso | ***Oluvannyuma lw'essuula eno, osuubirwa okuba ng'osobola:***<br>• Okunokolayo ensibuko y'amazzi, amayonjo n'ago agatali.<br>• Okunnyonnyola emigaso gy'amazzi.<br>• Okunokolayo ebikolwa ebikozesebwa mu kunnyonnyola emigaso gy'amazzi.<br>• Okusoma n'okutegeera ekitundu.<br>• Okutegeera n'okuddamu ebibuuzo ku kitundu ekikuweereddwa.<br>• Okutegeera emitendera gy'okufunza.<br>• Okufunza ekitundu.<br>• Okutegeera emitendera gy'okufunza.<br>• Okutegeera emitendera gy'okukyusa.<br>• Okukyusa ekitundu ekiwanvu.<br>• Okunokolayo eby'obutonde eby'omumazzi.<br>• Okutegeera Nakongezalinnya n'ebika byazo.<br>• Okukozesa Nakongezalinnya mu butuufu bwazo.<br>• Okukozesa omutimbagano, mu kukuba ebifaananyi eby'obutonde eby'omumazzi. |

## Ennyanjula

Ekigendererwa ky'essuula eno kwe kukuyamba okutegeera byonna ebikwata ku mazzi.Ojja kumanya ku nsibuko y'amazzi amalungi n'ago agatali malungi, endwadde eziva ku mazzi n'engeri gye tuyinza okuzeewalamu.Kino kijja kukuyamba okubeera n'obulamu obulungi.

Ojja kutegeera era emitendera gy'okusoma n'okuddamu ebibuuzo, okufunza n'okukyusa.Enkozesa y'olulimi Oluganda mu ssuula eno ejja kukuyamba okutegeera ebikolwa ne nnakongezalinnya.

## 6.1: Ensibuko y'amazzi amayonjo n'agatali mayonjo

Waliwo ebifo era n'engeri nnyingi ze tufunamu amazzi mu kitundu kyaffe. Amazzi gasobola okuba amayonjo oba amakyafu okusinziira ku kifo we gaba gavudde.





## Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma emboozi eno eri wakati wa'bantu ababiri nga boogereganya***

| | |
|---|---|
| **Maria:** | Nga nsanyuse okukulaba Nampeera, ye ogenda ludda wa? |
| **Nampeera:** | Nange bw'entyo. Nga bw'ondaba munnange, ŋenda kukima mazzi |
| **Maria:** | Kukima mazzi, tekikkirizika nti ogenda kwetikka ekidomola kyamazzi, ye ogenda kugajja wa? |
| **Nampeera:** | Amazzi gaffe tugajja ku nnayikondo naye nga waliwo akatemerero okuva awaka, naye olumu tukozesa amazzi ag'omudumu. |
| **Maria:** | Ag'omudumu? Gano gaba mazzi ga nkuba agaterekebwa mu ttanka oba gava mu luzzi? |
| **Nampeera:** | Nedda. Gano gaba mazzi, agayita mu midumu ne gatuuka mu maka g'abantu nga gava mu kifo we bagalongoosereza okugafuula amayonjo. Ekitongole ky'amazzi ne kazambi kye kivunaanyizibwa ku mazzi gano. |
| **Maria:** | Nga mwesiimye! |
| **Nampeera:** | Twesiimye, lwaki oyogera bw'otyo? Mbadde mmanyi nti amazzi tugasena mu bifo bye bimu! |
| **Maria:** | Nedda, wetujja amazzi wanjawulo nnyo okuva ku mmwe. Ffe amazzi tugakima ku luzzi |
| **Nampeera:** | Oluzzi, lufaanana lutya? Luzimbiddwa bulungi? |
| **Maria:** | Nedda. Luli awo mu kyangaala okuliraana olutobazzi, abantu bakolerawo ebintu ebya buli ngeri.Boolezaawo engoye ne banaabirawo. Abalaalo baleetawo amagana gaabwe okunywa amazzi. Obw'olumu abaana bawugiramu n'okuzannya nga bwe bagezaako okukwata ensonzi. |



| | |
|---|---|
| **Nampeera:** | Ekyo nga kibi nnyo! Kati olwo musobola mutya okugayonja okugatuusa ku ssa ly'okubeera nga tegalina bulabe eri aganywa? |
| **Maria:** | Abantu abasinga bamala gaganywerawo. Naye ffe awaka, maama atukuutira okusooka okugasengejja n'akagoye akayonjo nga tetunnagateeka mu nsuwa. |
| **Nampeera:** | Ekyo tekimala Maria, lwaki temukozesa empeke ezirongoosa n'okutta obuwuka bwonna obubeera mu mazzi? |
| **Maria:** | Kanzireyo ewaka mbuulire maama kwebyo by'oŋŋambye. Weeraba. |
| **Nampeera:** | Weeraba. Tunaalabagana olulala. |



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

**Ddamu ebibuuzo wammanga ebikwata ku kwogeraganya okwo waggulu:**

1. Nokolayo ebifo omuva amazzi ebyogeddwa ko mu kwogeraganya.
2. Nokolayo ebifo omuva amazzi ebitakooneddwako mu kwogeraganya.
3. Laga ebifo mwe tuyinza okufuna amazzi amayonjo n'ebyo bye tusangamu amazzi amakyafu.

## 6.2: Emigaso gy'amazzi

Mu bintu ebikulu omuntu bye yeetaaga okutambuza obulamu bwe mwe muli amazzi. Era eno y'ensonga lwaki waliwo n'enjogera egamba nti "amazzi bwe bulamu." Emu ku nsonga eri nti buli muntu yetaaga amazzi okusobola okutambuza obulamu. Amazzi gakozesebwa ebintu eby'enjawulo mu maka, mu by'obulimi, amakolero ne mukwewummuzaamu ng'okuwuga.



## Ekyokukola 1: Okwogera n'okuwuliriza

1. Nga mukola babiri babiri, mulage emigaso gy'amazzi eri
   a) Amaka
   b) Eby'obulimi
   c) Amakolero



## Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Amazzi bwe bulamu. Wandiika emboozi ya bigambo ebiri wakati we 250-300 ku mutwe ogwo.

## 6.3: Okusoma ekitundu n'okukitegeera

Tusoma ebiwandiiko eby'enjawulo olw'ensonga ez'enjawulo. Tusobola okusoma nga twewummuzaamu, oba nga tulagiddwa n'oluusi nga twagala kutegeera obubaka obuli mu kiwandiiko. Wabula, oba waliwo ensonga oba tewali etuwanliriza okusoma, twetaaga okutegeera bye tuba tusomye.Okulaba nga tutegeera bye tusoma, tulina okusoma nga twekenneenya era n'okuteeka mu nkola ebyo bye tuba tuyize mu kiwandiiko ekyo.

Okugezesa okutegeera kwaffe kw'ebyo bye tuba tusomye, ku nkomerero y'ekiwandiiko watera okubeerayo ebibuuzo ebikikwatako.Engeri gye tuddamu ebibuuzo ebyo eraga okutegeera n'okukozesa okumanya okwo mu bulamu bwaffe oba bulijjo.



Ekyokukola 5: Okusoma

***Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo:***

### Ennkuuma y'amazzi ey'omulembe n'eyennono

Bwe nnali nkyalo muto, nabeeranga mu kibuga wamu ne Kitange era ne bakitange abalala abato babiri.Naye, obutabanguko obwatandikibwa ab'eggwanga lyaba Kalimajong nga bawamba ente zaabo abaali babeetoolodde we kwatuukira ku ntikko mu myaka gya 1980 abooluganda abawerako baatwegattako mu maka gaffe.Mwabo mwalimu jjajja mukyala ne seŋŋange. Abagenyi abasinga baali tebabeerangako mu kibuga, era beewunya nnyo okulaba amazzi agayita mu midumu ne gatuuka mu kifo we twayolezanga ebintu, mu binaabiro ne mu kabuyonjo z'omunnyumba.

Nzijukira bulungi olunaku sseŋange lwe yakwata ekikopo nagenda mu kinaabiro n'asena amazzi okuva mu kabuyonjo ng'agiyita ensuwa! Yali agenda bwati okugakwasa omugenyi Kitange n'agamujjako kuba ye yali amaze okulaba gye yali afubutuse okujja mu ddiiro. Ky'amazima yali aviiridde ku ludda lw'ekinaabiro era bwe yabuuzibwa gyagajje yaddamu n'obuwombeefu bungi nti mu nsuwa eri mu kinaabiro!




Yayongerako na bino nti, amazzi gabaddemu matono mu nsuwa kyavudde aleeta ekikopo eky'ekitundu naye asuubira nti omugenyi gajja kumumala ennyonta. Kitange yatunula mbebere nga yenna awulira aswadde. Oluvannyuma yannyonyola mwannyina ensobi gye yali akoze.

Abantu bava mu kyalo bakola ebintu bingi eby'efaananyirizaako ng'ekyo, naye nga bambi babikola mu butamanya.Bannakibuga n'abo bwe bagenda mu kyalo waliwo ebintu bye bakola ebitali bya buntubulamu ab'ekyalo bye babasungamu.Kino kibaawo olw'okuba nti waliwo embeera ey'ekinnansi / ey'ennono abantu gye beeyisaamu wamu n'eyo etwalibwa okuba ey'omulembe.

Edda, buli kitundu kyalinanga ebintu bye kyakolanga okulaba nga bakuuma amazzi gaabwe okuviira ddala gye gava okutuukira ddala mu maka gaabwe. Enzizi zaavunaanyizibwangako abantu b'ekitundu bonna.Wabeerangawo okuzigogola buli ssabbiiti, nga muno mwe muli okusaawa ebisiko ebyetoolodde oluzzi, okulima akakubo akagenda e mugga, n'okugyamu ebikyafu byonna ebiri mu luzzi. Wabeerangawo amateeka amakakali ge baatekanga ku luzzi singa lwabeerangamu eby'ennyanja ebiramu kyategeezanga nti amazzi malungi era mayonjo, naye singa mwasangibwangamu eby'ennyanja ebifu, kino nga kitegeeza nti amazzi si mayonjo.

Wabeerangawo enkoma gye bateekanga ku luzzi ng'ekwata erudda n'erudda, eno yayambanga abantu abajja okukima amazzi nga tebagalinnyemu.



Ng'amazzi gatuuse ewaka, baagaterekanga mu nsuwa naye nga ag'okunywa gateekebwa mu nsuwa ey'enjawulo. Eno baasokanga kuginyookeza n'ebiwata by'amatooke bye bakazizza. Kino kyayambanga okuleeta akawoowo mu mazzi ago. Okuva mu nsuwa, baakozesanga olwendo okugasena, kino kyayambanga mu kukuuma obuyonjo anti luliko omukonda omuwanvu nti omuntu aba tasobola kukwata mu mazzi! Enkola eno yadibizibwa era kizibu nnyo okusanga amaka omukyoli olwendo wadde ensuwa ezitereka amazzi!

Bwe tudda ku maka ag'omulembe, amazzi ag'okunywa bagagulira mu macupa oba bagafumba ne gateekebwa mu budomola obuyonjo olwo abanywa agannyogoga ne bagateeka mu ffiriigi. Abantu bakubirizibwa okwewala okukozesa empeke ezirongoosa amazzi olw'okuba nti ate zireeta obulabe mu mazzi. Amazzi gano gasobola okukozesebwa awaka okugeza mu kwoza engoye, ebintu okunaaba, okusimuula ennyumba ne mu kaabuyonjo.



Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Mu bubinja
   a) Munokoleyo abantu abaali babeera n'omuwandiisi mu maka gaabwe mu kusooka
   b) Muwe ensonga eyaviirako abantu abalala okweyunga kwabo abaali babeera n'omuwandiisi
   c) Munokoleyo ebintu ebikolebwa abantu abavudde mu kyalo ab'ekibuga bye basanga nga bya ngeri.
   d) Mulage emirundi enzizi z'omukyalo gye zaagogolwanga mu wiiki emu
   e) Munnyonyole embeera eyaleeteranga abantu okumanya nti amazzi g'omuluzzi mayonjo
   f) Nolokayo ebikolwa mu palagulaafu esembayo nga binnyonyola emigaso gy'amazzi.
   g) Munnyonyole amakulu agali mu bigambo okusinziira nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ekyo waggulu.
      (i) Obutanbanguko
      (ii) Bannakibuga
      (iii) Okutuuka ku ntikko

## 6.4: Okufunza

Waliwo engeri nnyingi mwe tuyita nga tuwuliriganya mu kwogera oba mu kuwandiika.Omuntu ayinza okusalawo okwogera oba okuwandiika ku kintu ng'akozesa ebigambo ebingi naddala ng'alina okunnyonyola ku kintu ekyo kyawandiikako. Okunnyonyola oba okunyumya kuno okuwandiikibwa mu bigambo ebingi, kuyamba awandiika oba ayogera okujjirayo ddala amakulu g'ekyo kyaba ayogerako mu bujjuvu.

Okunnyonyola akawonvu n'akagga weewaawo si ye ngeri yokka gye tukozesa mu kwogera oba mu kuwandiika ekintu.Mu bulamu bwaffe obwa bulijjo waliwo embeera etwetaagisa okutuukira ku nsonga bwe tubeera nga twogera oba nga tuwandiika.

Kino kiyinza okukolebwa mu mpapula z'amawulire, mu kuwandiika essuula oba olugero lwonna oba mu kwogera nga ebiseera oba obudde obuweereddwa butono, sinakindi mu kuwandiika nga awagenda okuwandiikibwa watono.

Embeera eno yeetagisa okufunayo engeri gye tutegekamu obubaka bwaffe obugenda okwogerwa mu budde obusingirayo ddala okuba obutono, ne bbanga lye tulina okuwandiikamu. Olwo ne kiba nga kitwetaagisa okukozesa ebigambo ebitono oba okuwandiika ebyo ebyanditutwalidde obudde okunnyonyola akawonvu n'akagga oba okutuusa obubaka bwaffe eri abawuliriza. Kino kiyitibwa okuwandiika oba okwogera mu bufunze."

Mu kufunza omuntu aba alina okunokolayo ezo ensonga ezisinga okuba ez'amakulu okuva mw'ebyo ebiwandiikiddwa. Obukugu obw'olesebwa mu kusoma n'okutegeera ekiwandiiko biba bya nkizo nnyo mu kutuukiriza ebyetaagibwa mu bibuuzo kuddamu ebizuuzo ebiba bibuuziddwa.



## Ekyokukola 1: Okusoma

***Soma ekitundu ekikuweereddwa n'obwegendereza:***

### Endwadde eziva ku kukozesa amazzi: Ebizireeta n'engeri gye tuyinza okuzeewalamu

Munsi ya leero abantu balwala endwadde ezitali zimu, naye ng'ezimu ziva ku kukozesa mazzi amakyafu.Endwadde eziva ku mazzi okusinga zireeta nnyo obukosefu obuva mu kukozesa amazzi amakyafu.Obukosefu obuva mu kukozesa amazzi amakyafu obusinga buva ku kukozesa amazzi agaba gayingiddemu obuwuka.Wadde kino kiri bwe kityo, naye tekitegeeza nti buli buwuka obubeera mu mazzi buviirako obulwadde obuva ku mazzi. Eky'okulabirako, ensiri zizaalira mu mazzi, naye obulwadde bw'omusujja gw'ensiri ate tebutwalibwa kuba bulwadde obuva kukukozesa amazzi amakyafu.

Okusinziira ku kitongole ky'ensi yonna eky'ebyobulamu ekya "World Health Organisation", abantu abawerera ddala ebitundu bisatu n'obutundutundu mukaaga ku buli kikumi (3.6%) balwala endwadde ezive ku mazzi ate kwabo akakadde kamu n'emitwalo ataano ne balusuulamu akaba.

Ekitongole kino era kiteebereza nti ebitundu ataano mu munaana ku buli kikumi (58%) ku bantu abafa buli mwaka, obuzibu businga kuva ku kukozesa mazzi makyafu, obukyafu bw'ebifo mwe babeera n'obutaba bayonjo bbo b'ennyini ku mubiri gyabwe.

Obulwadde obuva ku mazzi buleetebwa ebintu bibiri.Omukka oguva mu biragalalagala ebiteekebwa mu mazzi okugayonja okuva mu makolerero n'obukyafu obuva mu ddagala erikozesebwa mu kufuyira omuddo.Ng'ojjeeko ekyo, waliwo obukyafu obuva ku buwuka obutalabika obukyafuwaza amazzi ne buvaako endwadde.

Obukyafu buno obusinga mu mazzi buva ku bantu n'ensolo okugagendamu. Kino kitegeeza nti obukyafu busobola okubeerawo mu mazzi g'omubibuga ag'enzizi, agava mu nnayikondo n'ebifo ebirala ebibeeramu amazzi okugeza emigga, n'ennyanja.




Endwadde zino zisinga kwegiriisa mu kunaaba, kwoza, okunywa amazzi oba okulya ekintu kyonna nga kyagenzeeko amazzi amakyafu.Wadde nga okusesema n'ekiddukano bwe bubonero obusooka okulabika ku muntu alwadde obulwadde obuva ku kukozesa amazzi amakyafu, waliwo obubonero obulala omuli okusiiyibwa olususu, amatu, n'amaaso, n'okufuna obuzibu mu kussa.Okwo kwogatta okulumizibwa mu lubuto, omusujja gw'omubyenda, ekiddukano ky'omusaayi, ne kkolera. Endwadde zino zisobola okujja nga zaamanyi ddala era aba alwadde n'ayisibwa ddala bubi.



Gye tubeera, mu masomero ne mu bitundu byaffe waliwo ebintu bingi bye tusobola okukola okwetangira n'okusasaanya kw'endwadde zino.Tufube okulaba nga tukozesa amazzi amayonjo.Tusobola okusengejja amazzi ne gavaamu obukyaffu bwonna, okunywa amazzi amayonjo nga tukozesa eby'okunyweramu ebiyonjo.Laba nti amazzi g'okunywa gateekebwa mu kintu ekiyonjo okwo gattako okuterekebwa awantu awayonjo nga gabikkiddwako bulungi. Amazzi bwe gaba ag'okunaaba, gattamu eddagala eritta obuwuka okugeza "dito". N'ekisembayo weegemese endwadde ezo ezisobola okugemebwa olyoke obeere mu bulamu obweyagaza.Obuyonjo bw'omubiri nabwo bwetagisa nnyo, okunaabaa mu ngalo ne ssabbuuni ng'ova mu kaabuyonjo, nga tonnalya mmere ne bwoba omazze okulya.

Emmere yonna kyatteeka okusooka okugyozaako nga tennafumbwa, ate era n'eriibwa ng'eyidde bulungi. Obulwadde obuva ku mazzi buyinza okubalukawo mu kitundu kyonna, wadde nga businga kulumba ebitundu by'omukyalo n'ebifo ebirimu abantu abangi. Kino kiri bwe kiti olw'ebbula ly'ebintu ebikozesebwa okulaba nti abantu bano bafuna amazzi amayonjo, okugogola emyala n'okukuuma obuyonjo bw'ekitundu. Obulwadde buno businga kulumba baana bato, abakadde n'abo abalina ebirwadderwadde ebirala





## Ekyokukola 2: Okuwandiika

Ddamu ebibuuzo ebikwata ku kitundu ekyo waggulu:

1. Mu bibinja,

    a) Munnyonyole lwaki obulwadde bw'omusujja tebubalibwa mu ndwadde eziva ku kukozesa amazzi amakyafu.

    b) Munokoleyo ebintu bibiri ebiviirako obulwadde obuva ku mazzi.

    c) Muwandiike emiwendo gino mu bigambo

    (i) 3.6%
    (ii) 1.500.000
    (iii) 58%
    (iv) 84200

d) Mufunze ekitundu ekyogera ku ngeri gye tuyinza okwewalamu endwadde eziva ku mazzi mu bigambo kikumi (100).

## 6.4: Okukyusa

Waliwo ennimi nnyingi ezoogerwa mu nsi muno, nga wano mu Uganda wokka tulina ennimi ezisukka mu asatu (30). Olumu tuba mu mbeera etwetaagisa okuwuliziganyaa naye olw'okuba twogera ennimi za njawulo, kirabika ng'ekizibu oluusi n'obutasobokera ddala! Kye kiva kyetaagisa omuntu owookusatu ateegera obulungi ennimi z'ababiri ng'asobola okukyusiza omu ku bbo mu lulimi lwategeera. Okukyusa kuba mu kuwandiika ate okutaputa ne kubeera mu kwogera.

Ekigendererwa ky'okukyusa oba okutaputa kwe kutuusa obubaka nga bwe bwogeddwa obutakyusaamu kigambo wadde naye nga tetwerabidde njawulo eri wakati w'abantu abo bombi mu by'obuwangwa.



### Ekyokukola 1: Okusoma n'okuwandiika



***Kyusa ekitundu kino mu Luganda:***

## Cholera

Cholera is a water-borne disease which has claimed many people lives. This disease is caused by using unsafe water and eating contaminated food. When water gets into contact with faecal matter, under the ground or when piped water is exposed to sewage or drainage systems, it gets contaminated.

To prevent contracting and spread of cholera, requires one to practice good health habits. Boil all drinking water or use water purifiers to ensure safety of your water. Cook food properly. Wash vegetables or fruits before eating them raw. Always cover your food and water. Avoid buying food from road side vendors. Wash hands with soap before handling food, after visiting a toilet or latrine. Finally visit a health facility immediately you sense symptoms like stomach-ache and diarrhoea.

## 6.6: Nnakongezalinnya

### Ebika bya Nnakongezalinnya

Mu ssuula ey'okusatu, twasoma ku nnakongezalinnya nga tutunuulira ku kubangawo obugagga obw'ensibo.

Mu ssomo lino essuula tugenda kuliteeka ku bika byazo.

Nnakongezalinnya ziri mu bika bina:

a) Nnakongezalinnya ez'empisa / ezengeri

b) Nnakongezalinnya ez'ebiseera

c) Nnakongezalinnya ez'ebifo

d) Nnakongezalinnya ez'omuwendo




## Ekyokukola 2: Okusoma

***Soma ekitontome kino n'obwegendereza.***

### Mukene


*Mukene, mukene, ani atamumanyi?*
*Erinnya olina limu, naye emigaso ntoko,*
*Ezaali enva z'embwa,*
*N'emu mmere y'enkoko,*
*N'eyembizzi sigyerabidde,*
*Nga n'erinnya ngege y'abaavu*
*Ly'agikalako dda!*

*Kati zafuuka za buli omu,*
*Mukulu, mukadde, muvubuka,*
*Mugagga, mwavu ffena ezo,*
*Baana ba ssomero, bakuumi ba ddembe,*
*Tulya ne tukuba ne nnoga.*
*Mukene , mukene, ani atakumanyi?*



*Omubiri gwo gutemagana, ani atakumanyi,*
*Okanula amaaso, otiisa n'omuto,*
*Naye ng'emigaso nfaafa gye tumanyi*
*Weeyagalira amazzi ggwe n'okunakkuna.*
*Weyagale wamma amazzi bwe bulamu.*

*Mu byenyanja teri abasinga muwendo,*
*Mu bungi muzaalibwa, mu bungi mufa,*
*Ne mufuuka emmere eri eby'enyanja ebirala,*
*N'abantu nga kwotadde,*
*Nva z'abato n'abakazi abali embuto,*
*Olibwa bulamba teri kusala bifi!*
*Magumba, byenda, bigagamba byonna,*
*Lubuto y'amanya.*



Ebisoko n'engero ebiva ku mukene ntoko,
Otemagana nga mukene, obadde okimanyi,
Omuganda yamulaba, kyokka atemagana,
Ani atamumanyi mukene, ani atamumanyi!



## Ekyokukola 3: Okuwandiika

**Mu bibinja,**

a) Munnyonyole ekitontome kino kye kyogerako.
b) Munokoleyo ebitonde ebyasooka okulya mukene
c) Mulage Nnakongezalinnya ezikooneddwako mu kitontome.